ETTAKA
ye NNYAFFE

APRIL-JUNE
2009
Ug Shs 3,000/=

SSAABASAJJA YATEMA EVVUUNIKE LYA MUGANZIRWAZZA COMMERCIAL CENTRE

ADVERT

BOARD YA BLB

OLUYIMBA "EKITIIBWA KYA BUGANDA"

(1) Okuva edda nedda eryo lyonna lino eggwanga Buganda
Anti lyamanyiibwa nnyo eggwanga lyaffe
Okwetoolola ensi zonna
CHORUS:Twesiimye nnyo -
twesiimye nnyo
olwa Buganda yaffe
Ekitiibwa kya Buganda kyava dda
Naffe tukikuumenga
(2) Abazira ennyo abatusooka
Balwana nnyo mu ntalo
Nebalyagala nnyo eggwanga lyaffe
Naffe tulyagalenga
CHORUS: Twesiimye nnyo -
twesiimye nnyo
(**3**) Ffe abaana ba leero ka tulwane
Okukuza Buganda
Nga tujjukira nnyo bajjajja baffe
Abafiirira ensi yaffe.
CHORUS: Twesiimye nnyo -
Twesiimye nnyo
(4) Nze nayimba ntya ne sitenda
Ssaabasajja Kabaka
Asaanira afuge Obuganda bwonna
Naffe nga tumwesiga
CHORUS: Twesiimye nnyo -
Twesiimye nnyo
(5) Katonda omulungi owekisa
Otubeere Mukama
Otubundugguleko -
emikisa gyo era
Bbaffe omukumenga
CHORUS: Twesiimye nnyo -

Olwa Buganda yaffe
Ekitiibwa kya Buganda kyaava dda
Naffe tukikuumenga

EDITORIAL COMMITTEE

Editor
Joseph Mulindwa

Asst Editors
Namugga Sarah Kasule
Rehma Nanvuma

EBIRI MU NDA

Obubaka bw'Omumyuka wa Katikkiro 2

Obubaka bw'Omuwandiisi wa Buganda Land Board 3

Ttabamiruka wa Buganda 4

Ebbago ly'Etteeka ly'Ettaka

Embeera y'Eby'enfuna muAmerica

Ebika by'Abaganda

Emboozi ez'Amakulu

Amasaza ga Buganda

Ebifaananyi

Essaza Bulemeezi

Mailo Akenda zisangibwa wa ?

Abalemeezi n'Enswa

Ebifo eby'Ebyafaayo mu Bulemeezi

Entegeka z'Okuwandiisa Abasenze ku ttaka lya Ssaabasajja

Eddiba lyaffe

Ekirowoozo ky'Omukung'aanya

ETTAKA YE NNYAFFE

ABASOMI baffe mwenna tubayozayoza okumalako Omwaka oguyise ate ne tubaagaliza guno omuggya okubeera ogujjudde essanyu n'okugenda mu maaso.

TUYOZAYOZA nnyo Ssaabasajja Kabaka wa Buganda, Ronald Muwenda Mutebi II, okutuuka ku Mazaalibwa ge aga 54 era ne tusaba Katonda ayongere okumukuuma nga afuga Obuganda.

TWEBAZA nnyo emirimu gy'Obwakabaka egikolebwa Oweekitiibwa Katikkiro, Eng. J.B. Walusimbi, Spiika wa Buganda, Olukiiko olufuzi , Abakiise bonna ab'Olukiiko lwa Buganda ssaako Abazaana n'Abasajja ba Kabaka wonna mu Buganda n'ebweru waayo.

TUSAASIRA nnyo bonna abafiiriddwa abaagalwa baabwe. Tusaba Katonda abagumye era n'Abagenzi Mukama abalamuze kisa.

AKATABO kaffe kabadde katutusaako ebikwata ku Bika by'Abaganda. Ku luno tusazeewo abasomi baffe tubongereko ebikwatagana n'Amasaza ga Buganda.

NGA 22 December 2008, Ssaabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II, yasiima n'atema evvuunike erisooka erya Muganzirwazza Commercial Centre e Katwe awaayitibwanga Jubilee Park.Ekizimbe kino ye ntandikwa y'Obwakabaka okukulakulanya ettaka lya Ssaabasajja nga kukolebwako emirimu egy'omulembe ate nga givaamu ensimbi ezinakulakulanya Obuganda. Omulimu guno ogugenda okumalawo Obuwumbi 16, gujja kuba gwa myaliiro 8 nga gusuubirwa okuggwa ku ntandikwa ya 2010 era nga kulabirirwa Buganda Land Board.

Mu bbanga eritali lya wala tujja kutandika omulimu omukulu ennyo ogw'okuwandiisa abantu abalina ebibanja ku ttaka lya Kabaka. Omulimu guno tugwetegekedde bulungi era nga tusuubira nti bwetunakolagana obulungi n'ab'ebibanja, gujja kuvaamu ebibala ebirungi ebinayongera ebinaanyweza obwannannyini bw'abasenze abali ku ttaka lya Beene.
Tubaagaliza birungi byereere.

SSAABASAJJA KABAKA AWANGAALE.

OBUBAKA BW'OMUMYUKA WA KATIKKIRO ASOOKA OWEEK. AMB. EMMANUEL L. SSENDAULA

Oweek. Amb. E.L.Ssendaula
NTWALA omukisa guno okwebaza Buganda Land Board okutandikawo akatabo kano. Ndowooza nti kakola ng'olutindo wakati wa Board n'abantu abatali ba ngeri zimu, wano n'ebweru w'Eggwanga lyaffe.

Nsaba munzikirize njozeyoze Ssaabasajja Kabaka okuweza emyaka 54 egy'obukulu era nga mwagaliza Amazaalibwa ge amalala mangi nnyo !!

NNEEBAZA nnyo olukiiko olufuzi olukola ku ttaka lya Kabaka, Buganda Land Board, olw'omulimu omulungi gwe bakoze bukya balondebwa, anti buli muntu kati asobola okulaba ebituukiddwako munzirukanya y'emirimu mu Bwakabaka olw'entegeka ennungi ezikoleddwa ekitongole kino.Mbasaba tukolaganire wamu twongere okutereeza emirimu gya Ssaabasajja n'Obwakabaka.

NNEEBAZA nnyo n'abakozi ba Board abakulirwa Omukungu David Kyewalabye Male olw'engeri ennungi gye bakolamu emirimu gyabwe ekireetedde Obuganda okusobola okwongera okukungaanya ensimbi okuva mu ttaka lya Beene. Nsiima nnyo obukozi obulagibwa abakozi anti zigenda okuwera essaawa 2:00 ez'enkya nga buli muntu yatuuse dda ku mulimu. Yadde obumulumulu tebubulawo, mbakubiriza okukolerera okwongera okukola obulungi mu mazima n'obwesimbu tusobole okuweesa ekitongole ekitiibwa awamu n'Obwakabaka bwonna okutwalira awamu.

ENTEGEKA zimaze okukolebwa okuwandiisa abantu bonna abali ku ttaka lya Ssaabasajja Kabaka. Nkubiriza abantu baffe bonna abali ku ttaka lino okukolagana obulungi n'abakozi baffe abagenda okukola omulimu guno. Kaweefube ono agenda kuyamba nnyo abantu ba Ssaabasajja okwongera okunyweza obwa nnannyini bwabwe ku bibanja; anti omuntu bw'anewandiisa ajja kuggulirwawo Failo mu Bulange, abeere nga Nnannyini ttaka amutongozezza ng'omusenze we nga bwe kiri mu mateeka agafuga ettaka, anti kikakata ku nnannyini ttaka okumanya buli musenze ali ku ttaka lye. Ate n'omusenze alina okulaba nti atongozebwa nnannyini ttaka.Ne bwaba asazeewo akafo ke okukaguza omuntu omulala, alina okutegeeza ku nnannyini ttaka n'amwanjulira omusenze omuggya. Oyo gwe baguza ekibanja, okukakasa nti amuguza ye nnannyini ayanguyirwa okubuuza nannyini ttaka, oba ddala oyo agezaako okumuguza ekibanja kikye era amanyiddwa.

Anti kyangu nnyo omuntu okutunda ekitali kikye, ggwe aguze n'oviiramu awo nga enjogera y'ennaku zino. OkUWANDIISA abantu nga kumaze okuggwa , Obwakabaka bujja kuba busobola bulungi okukola entegeka n'ebitongole bye kikwatako okutegekera ebitundu bino mu ngeri ey'omulembe; naddala ku by'amakubo,amasannyalaze n'amazzi; abatuuze abali ku bibanja ku ttaka lya Kabaka babeere nga bali mu bulamu obubeyagaza.

NKUBIRIZA abakozi b'ekitongole abagenda okwetaba mu mulimu guno okubeera abantu balamu nga bakola omulimu guno; anti kimanyiddwa nti Buganda ye Nkuluze y'obuntubulamu.

NASANYUKA nnyo okulaba nti Buganda Land Board evuddeyo n'enkola enkukuutivu egenda okukulakulanya ettaka lya Kabaka mu nkola ey'omulembe.Enkola yatandika n'entegeka ey'okuzimba ekizimbe "galikwoleka" e Katwe awaayitibwanga "Jubilee Park", Ssaabasajja Kabaka kye yatemera evvunike erisooka ku nkomerero y'omwaka oguwedde, nga kiyitibwa "Muganzirwazza Commercial Centre".

NDI mumativu nti ssinga abantu ba Buganda abalina obukugu obw'enjawulo beegatta ku Bwakabaka, amagezi gaabwe negakozesebwa bulungi , tewali kubuusabuusa nti Ekitiibwa kya Buganda kijja kuddamu kitinte ng'obw'edda.

SSAABASAJJA KABAKA WA BUGANDA AWANGAALE !!

OBUBAKA BW'OMUWANDIISI WA BUGANDA LAND BOARD

ABASOMI ba "Ettaka ye Nnyaffe", mbeebaza obuwagizi bwe mutuwa era ne mbaagaliza okweyongera okukulakulana mu buli kye mukola.

MUNZIKIRIZE ntwale omukisa guno okuyozayoza Ssaabasajja Kabaka wa Buganda, Ronald Muwenda Mutebi II, okutuuka ku Mazaalibwa ge aga 54. Tusaba Katonda Lugaba ayonere okumukuuma nga alamula Obuganda !

NJAGALA mu ngeri ey'enjawulo okwebaza Ssaabasajja Kabaka okutulondera Owek. Ambassador Emmanuel L. Ssendaula, Omumyuka wa Katikkiro Asooka, okubeera akola nga Minista ow'ekiseera ow'Eby'Ettaka mu Bwakabaka bwa Buganda.

WANO wenjagalira okukakasa Oweek. Ssendaula nti Buganda Land Board yeetegese okukolaganira awamu naye mu buwulize okulaba nti Ettaka lya Kabaka lyongera okuvaamu ejjamba erinakulakulanya Obuganda.

NTUUSA okwebaza kwange eri Ssaabasajja olw'okusiima n'ayongezaayo ekisanja ky' Olukiiko olufuzi olulabirira ettaka lye, Buganda Land Board. Olukiiko luno, olukulirwa Omukungu Eng. Martin Kasekende, lutukumyekumye bulungi ekisobozesezza emirimu gya Ssaabasajja okutambula ekinawadda.

NJAGALA okwebaza abakozi ba Buganda Land Board olw'enkolagana ennungi ate ey'awamu mu kitongole etuyambye okuvvuunuka ebizibu ebingi n'okutwala ekitongole kyaffe mu maaso.

NJAGALA okutegeeza abantu ba Ssaabasajja bonna abali ku ttaka lye nti entegeka zimaze okukolebwa okutambuliza awamu ebitongole byonna ebikwatagana n'abasenze ku ttaka lya Kabaka, nga bino bye: Buganda Land Board, Eggwanika ly'Enkuluze, Katikkiro w'Ebyalo bya Kabaka ne Ministule ya Gavumenti ez'Ebitundu etwala Abaami ba Kabaka. Mu bbanga si ddene tujja kuba tubatusaako entegeka eza nnamaddala eziteekeddwawo okulaba nti abantu ba Ssaabasajja tubataasa ba "Kamyufu" abeenonyeza ebyabwe.

MU KISEERA ekitali kya wala tujja kuba tukwatira wamu nga bulijjo omulimu ogwetaagisa obwegendereza obungi ennyo, nga gwe gw'okutereeza abantu mu bibanja byabwe nga bawandiisa abasenze abali ku ttaka lya Kabaka wonna mu Buganda. Omulimu guno gugenda kuganyula nnyo Nnannyini ttaka (Kabaka) naye ate okusingira ddala gugenda okuyamba omutuuze ow'ekibanja mu ngeri ey'enjawulo okunyweza obwannannyini bwe ku ttaka lya KABAKA. Anti w'osomera bino nga abantu bangi nnyo abalina ebibanja n'eby'obugagga byabwe ku ttaka lya Kabaka kyokka nga tebamanyiddwa nnannyini ttaka kubanga tebasimbirwanga mpaanyi mu nkola entongole. Okusinziira ku mateeka agafuga ettaka mu Uganda, kikulu nnyo era nga kikakata ku musenze ow'ekibanja okubeera nga ategeragana bulungi ne nnannyini ttaka, era nga tewali kikolebwa ku kibanja kino nga nnannyini ttaka tategedde.

ENTEGEKA zimaze okukolebwa ezizingiramu ebitongole byonnaebikwatagana n'ettaka; okusobola okutwala kaweefube ono mu maaso.

Omuk. Kyewalabye Male

Okuwandiisa kuno kugenda kutandikira mu Ggombolola ya Ssaabasajja ey'e Nabweru, omuli Nansana Town Council ne Kazo ate n'e Mbikko mu Kyaggwe mu Njeru Town Council.

NTUUSA okwebaza kwange eri Abaami ba Kabaka ; Abatongole n'Abemiruka.Enkolagana ennungi naffe eyambye nnyo mu kwanguya entegeka z'okufunira Lease abasenze abali ku ttaka lya Kabaka.

MUNZIKIRIZE nnebaze abantu bonna be tukolagana nabo, abali mu Bulange n'abali ebweru waayo. Tubakakasa nti twetwegese okwongera okukolagana nabo obulungi okusobola okutambuza obulungi emirimu gya Ssaabasajja.

NZIRAMU okujjukiza abo bonna abagulaebibanja ku ttaka lya Ssaabasajja Kabaka nti bateekwa okufuna olukusa olutongole(consent) olubaweebwa Abatongole nga bayita mu bbaluwa eri ku mutwe gwa Buganda Land Board. Atakikoze aba aguze "mpewo".

NKAKASA nti nga tukolaganye ffenna awamu tetuleme kwongera kuweesa Bwakabaka bwaffe kitiibwa.

SSAABASAJJA KABAKA WA BUGANDA AWANGAALE !

OLUKUNGAANA TTABAMIRUKA OLWA BUGANDA

BIKI EBYATUUKIBWAKO ?
Bya Joseph Mulindwa

BUKYA luba nga lwa mmindi, nga 18 July 2008, ku Hotel Africana mu Kampala, Olukiiko Ttabamiruka olwa Buganda, Buganda Conference, lwaggulwawo Katikkiro wa Buganda , Owek. Eng. J.B. Walusimbi ate ne luggalwawo Ssaabasajja Kabaka wa Buganda, Ronald Muwenda Mutebi II.

Olw'obukulu bw'Olukiiko luno, ETTAKA YE NNYAFFE asazeewo okukutuusaako ebyali mu lukungaana luno na biki ebyatuukibwako. Olukungaana lwajjumbirwa nnyo era lwagatta abantu ba Buganda okuva mu buli kanyomero nga tebatunuulidde nzikiriza zaabwe mu ddiini ne mu nzikiriza z'ebibiina by'obufuzi byabwe. Nga ayogera ku Lukiiko luno, omuteesiteesi waalwo omukulu era nga ye Minista w'Ebyamateeka mu Gavumenti ya Ssaabasajja, Owek. Apollo Nelson Makubuya, agamba nti olukiiko kyali kimu ku bikujjuko by'okukuza emyaka 15 bukya Ssaabasajja atuuzibwa ku Nnamulondo. Omulamwa gwalwo omukulu gwali "Enkulakulana n'Obukulembeze bwa Buganda mu Uganda ey'awamu" era lwagenderera emiramwa emikulu 4:

a)Okuteekawo embeera okugatta abantu ba Buganda n'okukubaganya ebirowoozo ku bikwata ku Buganda.
b)Okwefumitiriza biki ebigaana Buganda okukulakulana.
c)Okukubaganya ebirowoozo ku ngeri Gavumenti gyekuttemu ensonga z'ettaka ssaako engeri gyereetamu amateeka agakwata ku ttaka.
d) Okukubaganya ebirowoozo ensonga za Federo mu Uganda n'engeri enkola eno gyesobola okutuukibwako ku lw'obulungi bw'ebitundu eby'enjawulo mu ggwanga Uganda.
Abantu ab'enjawulo abaali mu lukungaana luno mwalimu Spiika wa Parliament ya Uganda, Rt. Hon. Edward Kiwanuka Ssekandi,abaaliko ba Katikkiro ba Buganda, Abeebitiibwa: Joash Mayanja Nkangi, Joseph Mulwanyammuli ne Daniel Muliika, Minista Ruth Nnankabirwa Ssentamu, Baminista mu Gavument i ya Ssaabasajja,Ababaka ba Parliament, Ba Nnaalinnya, Abalangira, Abambejja, Abakiise mu Lukiiko lwa Buganda olukulu, Abataka n'abasajja n'abazaana ba Kabaka. Ssaabasajja Kabaka ne Nabagereka wa Buganda, Sylvia Nagginda y'omu ku baali aboogezi abakulu mu lukiiko luno.

Olukiiko luno era lwasobola okwogererwamu abasajja abamanyiddwa mu kisaawe kya abayivu mu nsi yonna; omwali: Prof. Ali Mazrui ne Prof. Mahmood Mamdani.

Abalala abaawa emisomo be:Rt. Rev. Dr. Michael Ssennyimba, Vice Chancellor wa Ndejje University era nga ye Vice Chairman wa Kabaka Foundation,Ssaabasumba w'Essaza ekkulu ery'e Kampala, Most Rev. Dr. Cyprian Kizito Lwanga, Prof. Fredrick E. Ssempeebwa, Looya omugundiivu mu Uganda ssaako Nnabagereka wa Buganda, Sylvia Nnagginda. Abantu abaaliwo mu lukiiko n'abalala abaali tebasobodde okuva mu nsi yonna baasobola okukubaganya ebirowoozo ku bintu ebitali bimu,obutereevu ku mukutu gwa CBS, Radio y'Obujjajja.

nga bakozesa enkola y'empuliziganya ey'omulembe. Abalala ebyali bigenda mu maaso byasobolwa okutegebwa ku Radio ya Ssaabasajja, CBS.

Byonna byali bigenze bulungi, singa tewaaliwo kwekobaana kwa bitongole bya Gavumenti ebikessi okuwamba n'okubuzaawo Baminista ba Ssaabasajja n'Omukungu we: Abeebitiibwa Charles Peter Mayiga, Medard Lubega Sseggona n'Omukungu Betty Nambooze Bakireke baawambibwa ku lunaku olwo ne bakuumibwa mu ngeri etali ya mateeka mu bifo ebitategeerekeka era ne bammibwa omukisa okuwuliziganya n'abantu b'omu maka gaabwe ssaako ne bannamateeka baabwe.
Okukwatibwa kwabwe kwakola kinene okujja abantu ku mulamwa gw'ebyali bifuniddwa mu lukungaana, ebirowoozo byonna ne byennyika nga teri amanyi kyali kigenda kuddirira naddala eri obulamu bw'abawambe. Abalwanirizi b'emirembe wonna mu nsi baavumirira ekikolwa kino. Nga wayiseewo ennaku 7, katemba yakomekkerezebwa abawambe bwe baatwalibwa mu kkooti y'Omulamuzi e Nakawa, ababiri gye baasomerwa emisango oluvannyuma ne beeyimiriwa !
Ettaka ye Nnyaffe ajja kugenda akutuusaako mu bufunze ebyayogerwa aboogezi ab'enjawulo mu lukungaana luno.

Biraze ku Page

Buganda Conference.....`
Bivudde ku Page

Katikkiro wa Buganda

OWEEKITIIBWA Eng. J.B. Walusimbi , Katikkiro wa Buganda, ye yaggulawo olukungaana bwe yayaniriza abantu bonna abeetaba mu kuggulawo omusomo guno naddala abaaliko ba Katikkiro ba Buganda , Spiika w'Olukiiko olukulu olw'eggwanga ssaako abaali batambudde okuva emitala wa Mayanja. Yagamba nti olukungaana lwali lwakubangawo buli mwaka nga lulina obuvunaanyizibwa obw'okukubaganya ebirowoozo ebikwata ku nsonga enkulu eziruma Obuganda.Yeebaza nnyo abaategeka omukolo guno era neyeebaza Radio CBS olw'okusasaanya n'okutuusa ku bantu ebyali bigenda mu maaso ku mukolo guno, ku mikutu gyayo. Yayitaayita ku bimu ku byali bituukiddwako mu myaka 15 egy'Obwakabaka bwa Ssaabasajja Ronald Muwenda Mutebi II. Mu bino yanokolayo:

i) Gavumenti ya wakati okukomyawo ebimu ku bintu by'Obuganda ebyali biwambiddwa mu 1966

ii)Okutondawo ebibiina bya Nkobazambogo mu matendekero amakulu wonna mu Buganda ne mu bitundu bya Uganda eby'enjawulo.

iii) Okuzzaawo Empaka z'Emizannyo ez'Ebika n'ez'Amasaza. Wano we yeebaliza ba Katikkiro abaamusooka olwa byonna byeyasanga bamazo okutuukiriza. Yategeeza nti gaali gakyali mabaga, anti omulimu gw'okunnyulula Buganda, Obote gyeyagisuula gwali gukyali munene. yabategeeza nti enkola egenda okuyitibwamu okuzzaawo ekitiibwa kya Buganda (Buganda Development Policy) yali emaze okufuluma era nga yali emaze n'okuteekebwa ku mukutu gwa internet, www.buganda.or.ug.

Nga amaliriza yasaba Obuganda okubeera "obumu", kisobozese Buganda okukulakulana nga eyita , mu by'obuwangwa,enkolagana n'Abaganda abali ebunaayira,Ebyenjigiriza n'amatendekero ag'ekikugu, okukubiriza Abaganda okukola ennyo n'okulwanyisa obwavu, okuzzaawo ebibiina by'obwegassi, okutegeera obulungi obuli mu nfuga ya Federo ssaako okukulakulanya eby'Obulambuzi nga tutereeza n'okukulakulanya ebifo byaffe eby'ennono n'eby'obuwangwa. Yeebaza abo bonna abaali baleese ebirowoozo byabwe ku Buganda mu buwandiike eri abategesi oluvannyuma n'alangirira nga bwe yali aguddewo olukungaana lwa Buganda Ttabamiruka olw'omulundi ogusoose.

Rt. Rev. Dr. Michael Ndawula Senyimba

Omusomo ogwasooka gwaweebwa Vice Chancellor wa Ndejje University, Kitaffe mu Katonda, Omulabirizi Dr. Michael Sennyimba ku mutwe ogugamba nti "Obwannannyini n'Enkozesa y'ettaka: Entamu eyafumba Obuwangwa bwa Buganda"

Omusomo gwalaga bulungi Katonda ebirungi bye yawa Buganda nga abiyisa mu ttaka ebifuula Abaganda okubeera n'embeera ey'obukakkamu n'okukola ebyo byonna bye bakola n'engeri gye babikolamu. Ekiwandiiko kye kiraga empisa z'Abaganda ezitali zimu bwe zirina akakwate nobugimu bw'ettaka mu Buganda. Yamaliriza nga agamba nti okujja kw'Abazungu mu Buganda kwakyusa era ne kutabulatabula obwannannyini bw'ettaka nsi yattu ettakaerisukka mu kimu kya kubiri, 56%, ne baliwamba nga lifuuka erya Kwiini wa Bungereza. Kuno kwekuvudde emberebezi zonna ezirabibwako olwaleero nga zikwata ku ttaka.

Nga amaliriza yakubiriza Abaganda okukwatira awamu okulaba nti abagezaako okubba ettaka lyabwe balekera awo.

i) Buli Muganda yakubirizibwa okubeera n'ekibanja omuli ennyumba ennungi,omuli olusuku,omusiri gw'emmwanyi nga mulimu emituba egiyamba emmwanyi n'ebitooke okufuna ebisiikirize ate nga bwegiyimbulwako n'embugo.

ii) Era yasaba abantu bonna mu Buganda babeere n'omutima ogwagala ewaabwe n'okuddayo ku butaka bakulakulanyeeyo.

iii) Ettaka lyonna mu Buganda likolerweko eby'omugaso abaagala okulibba balisange nga ssi lyereere.

iv) Ettaka ne mu bitundu ebirala mu Uganda likolerwe ebyapa abaagala okuteekamu ensimbi baleme kuyayaanira lya mu Buganda kubanga lye lirina ebyapa

v) Enkola eya abali mu buyinza okumala gakozesa bubi buyinza ku by'ettaka gamba nga okumala gasaanyaawo bibira, entobazzi, n'amasomero evumirirwe era edibizibwe.

vi) Abali mu buyinza balekere awo okumala gagobaganya abali mu bibanja byabwe.

Dr. James Mulwana

Omukungu wa Ssaabasajja, Dr. James Mulwana ye yawa omusomo ogwaddako; ogwali ku mutwe ogugamba **"Okugaziya emirimu egireeta Ensimbi n'okuyiiya Buganda esobole okugenda mu maaso".**

Dr. Mulwana yasooka kubuuza abaali bamutegedde amatu nga ayagala okumanya nti olwaleero mu Buganda abantu kyebayingiza mu nsawo kibamala kutuuka wa ? Era biki ebyetaagisa okukola abantu okutuuka ku nfuna ebeeyagaza? Yagamba nti abantu ba Ssaabasajja Kabaka abasinga obungi bali mu byalo era nga benyigiddemu bya bulimi nga bye bizaawo obulamu bwabwe. N'olwekyo bino bye byetaagisa okutunuulira n'obwegendereza:

a) Kyetaagisa okutondawo Projects ezikwatagana n'okukulakulanya ettaka eririmirwako ebirime ate n'okussaawo enkola eyigiriza abantu engeri gye bayinza okuganyulwa mu ttaka lyabwe.

b) Okutandika okulima ebirime ebipya ebivaamu ensimbi, gamba nga:enkenene, avocado,obutunda, emiyembe, enva endiirwa n'ebimuli bidde mu kifo ky'ebirime byaffe eby'edda nga emmwanyi, olwaleero ebitakyesigika.

c) Okuteekawo obukolero obutono, obwongera ebbeeyi n'omugaso mu birimibwa nga tebinatundwa ate n'okukola entegeka ennungi ezinoonyeza ebintu bino obutale.

d) Okugatta abalimi mu bibiina byabwe okusobola okufuna amaanyi n'okwenyweza okusobola okuvuganya mu butale obwa kuno n'obw'ebweru.

e) Okutambulira ku nkola ey'omulembe ekolerwamu emirimu, abantu baffe bafune obukodyo obupya mu kukola obukolero obutono,obutale n'engeri ey'okutundamu ebweru.

f) Okuteekawo enkola egatta (business networks) n'okugabana ku bumanyirivu obwa buli omu mu by'enkulakulana.

f)Okukulakulanya embeera z'abantu naddala mu by'obulamu, eby'enjigiriza n'eby'enzikiriza.

Okusoomozebwa

Abafuna omukisa n'abawa obuvunanyizibwa okukulakulanya abantu be bino bye basaanye okukola:

i) Batambule era balambule abantu gye basingaanibwa basobole okumanya ebizibu mwe batubidde n'okutegeera ebizibu ebisangibwa mu bitundu ebimu ate n'ebyo ebigasse ebiyundu byonna ebya Buganda.

ii) Enkola eya **Bulungibwansi** eyongerwemu amaanyi nga bwekyabanga edda, nga tunyweza abantu okuviira ddala wansi ku byalo okutuukira ddala waggulu basobole okuvaayo n'amagezi aganamalawo ebizibu ebiriyo ate n'okubalaga amagezi ag'okwongera okufuna ensimbi bongere okukulakulana n'okusula obulungi.

iii) Okukumakuma abantu mu byalo n'obutasikirizibwa kuddukayo kujja mu bibuga abavubuka mwebafuukira abatali ba buvunanyizibwa.

Hon J.B. Kawanga

Omubaka wa Parliament owa Masaka Municipality, Hon. J.B.Kawanga, yawa ebirowoozo bye ku byali mu kiwandiiko kya Dr. J.Mulwana. Yayogera ku nkola ennungamu eyaliwo ate nga ya buwangwa wakati wa nnannyini ttaka n'ow'ekibanja eyaggwawo Obwakabaka bwa Buganda bwe bwalumbibwa mu 1966 enkola eno n'esaanyizibwawo. Yategeeza nti abantu bangi nnyo abali mu Buganda abalina ebyapa by'ettaka kyokka nga tebikyusibwanga kudda mu mannya gaabwe n'asaba Obwakabaka bukolewo entegeka enayamba abantu bano okubakyusiza ebyapa bidde mu mannya gaabwe okuva mu g'abakadde baabwe ne bajjajjaabwe.

Prof. Fredrick Ssempeebwa

Omusomo ogwaddako gwali gwa Prof. Fred Ssempeebwa, omu ku ba Looya abagundiivu mu ggwanga. Omulamwa gwali: **"Federo, Ekisumuluzo ekiyinza okutuusa abantu ba Africa Eyeefuga ku kwesiima".**

Prof. Ssempeebwa yasooka n'abuuza oba nga ddala Uganda yali yeetaaga enfuga eya Federo. Yaddamu nga awa eby'okulabirako nga Akakiiko ka Odoki akaanoonya ebirowoozo mu kuwandiika Constitution ya 1995, bwe kakizuula nti abantu abasinga obungi mu Uganda baaseemba enfuga eya Federo. N'agamba nti naye lweyakulira akakiiko akaali kaddamu okwekenneenya Constitution, akamanyiddwa nga Ssempeebwa Commission, abantu era abasinga obungi mu Uganda baagamba nti nkola nnungi , ate abo abaali tebagyagala baalaga nti baali basemba ebitundu ebigyettanira bigifune.

Yagamba nti abantu bajja kwongera nnyo okusaba Federo, olw'ensonga nti enkola eya Decentralization eyateekebwa mu Constitution mu kifo kya Federo, yali yava dda ku mulamwa ogw'okuzza obuyinza eri abantu. Yategeeza abamuwuliriza amakulu g'enfuga ya Federo; n'agamba nti eno y'enkolagana wakati wa Gavumenti ebbiri, Gavumenti ey'ekitundu wefunira obuyinza okuva ku ya wakati okusobozesa abantu b'ekitundu okukozesa obuyinza obwo mu nkola eya Demokulaase. Abatayagala nkola eno bagamba mbu Uganda kasi katono nnyo okuganyulwa mu nkola ya Federo. Abalala bagamba nti Federo ejja kutitiibyako ebitundu ebimu mu Uganda bukulakulane okusinga binnaabyo.Bino bye byogerwa bitera okwogerwa ba Nnakyemalira.

Prof. Ssempeebwa yagamba nti mu nsi nnyingi ba Nnakyemalira beerimbise mu kugatta eggwanga okusobola okusaanyaawo Federo.Yawa eby'okulabirako okwerimbika kuno gyekutakoze mu kugatta nsi gamba nga mu Russia, *Majimbo* mu Kenya, eyali Yugoslavia, Ethiopia, Eritrea ne Somalia. Bino biraga nti Gavumenti ezeeyita ez'ekipooli tezizimba mawanga.

TTABAMIRUKA.....
Bivudde ku Page....

Prof. Ssempeebwa yagamba nti Federo singa aba atongozeddwa ebizibu bingi by'ajja okugonjoola, gamba nga okusosola mu mawanga. Mu Federo,kijja kusoboka Buganda okuwagira Bunyoro okugiwa Federo esobole okuganyulwa mu mafuta agazuuliddwayo nga Bunyoro nayo bw'eba ewagira Buganda okugabana ku misolo egiva mu bikolebwa mu Buganda.Enkola eno era ejja kuteeka Gavumenti ya wakati ku bunkenke (checks and balances) okulaba nti efuga mu nkola ey'obwesimbu kubanga wabaawo okwewa ekitiibwa wakati wa Gavumenti zombi, gattako nti Gavumenti za Federo zonna eziri mu ggwanga ziba zirina okulaba nti eya wakati tekola kintu kyonna kya mancoolo ne gavumenti z'Ebitundu.

Regional Tier

Nga amaliriza Prof. Ssempeebwa yeebuuza oba Regional Tier kye kimu n'enkola ya Federo era n'ategeeza olukungaana nti si kye kimu naddala engeri Gavumenti eya wakati gyesigala nga eyingiridde entambuza y'emirimu egya Gavumenti ez'ebitundu.Yasaba Gavumenti ya Kabaka e Mengo okuttukiza okubanja ebyayo, kisobozese Obwakabaka okukakasa n'okutegekera ebiseera eby'omu maaso nga bwekakasa.

Okukubaganya Ebirowoozo

Prof. Frederick Jjuuko,
omu ku baakubaganya ebirowoozo ku nsonga eno mwe mwali Prof. F.Jjuuko asomesa Amateeka mu University e Makerere.

Ku nsonga ya Federo, Prof. Jjuuko yajjukiza abaali mu lukungaana nga mu 1953, Governor Andrew Cohen bwe yagezaako okwawula Kabaka ku Lukiiko kyokka Ssekabaka Sir Edward Muteesa n'agaana okussa omukono ku kiwandiiko ekyali kikendeeza obuyinza bwa Kabaka.Okugaana kwa Kabaka kwalaga nti teri muntu yenna ateesa na Kabaka nga tamaze kukwatagana na bitongole bikwatibwako nsonga mu Buganda.Prof. jjuuko yatangaaza ku nkola ya Decentralization n'agamba nti eno yali Project ya World Bank (Banka y'Ensi yonna). Ne yebuuza nti mu Uganda buyinza ki bwozza mu Gavumenti ez'ebitundu, nga tewabangawo buyinza bufuniddwa mu mazima n'obwesige bw'abantu abasinga obungi.Yagamba nti obuyinza bw'abafuzi ab'ensikirano abantu baba babulinamu obwesige (legitimate) era nga babwenyumirizaamu .N'olwekyo eggwanga lyetaaga okuddayo ku nfuga ey'obufuzi obwensikirano tujjeyo ebyali ebirungi tusobole okutambuza eggwanga lyaffe obulungi.

Abalala:

Bangi ku baali mu lukungaana baweebwa omukisa okukubaganya ebirowoozo era muno mwe mwali Prof. Mahmood Mamdani eyagamba *Decentralization* eremeddwa lwa kubulawo bwesimbu, Adam Lugayima eyasaba obuyinza bwa Administrator General ku bintu by'abafu bikomezebwewo e Mengo , Peter Mulira yagamba nti kyetaagisa okutondawo akakiiko k'abamanyi era abakugu bawe amagezi eg'ekikugu ku by'ettaka n'enkola ya Federo wabeewo eddoboozi ery'awamu mu nteeseganya ne Gavumenti eya wakati. Dr. Luyombya ye yagamba nti kyetaagisa okulekerawo okusaba Federo,naye empenda zikubibwe ezisobola okubanja Federo mu nkola etali ya kuyiwa musaayi. Owek. Dan Muliika yakubira nga asaba Buganda enyweze byeyagala okugikolerwa nga ekolawo Constitution yaayo

His Grace Dr. Cyprian Kizito Lwanga

Ssabasumba w'Essaza ekkulu ery'e Kampala, His Grace Dr. C.K. Lwanga, naye yawa omusomo ku mulamwa: "Kifo ki abantu ba bulijjo n'ebitongole bya Gavumenti bye biyinza okuzannya mu kuleera enkulakulana eya Namaddala mu Buganda: ?"

SSABASUMBA yasooka n'okutegeeza abaali bamuwuliriza nga ensi emitima bwe gyagitereera nga Gavumenti ya NRM etutte obuyinza oluvannyuma lw'emyaka egyali egya kazigizigi olutalo lwo mu nsiko nga luwedde. Anti olutalo luno, abantu mwe beetaba, lwali lufiirizza nnyo Buganda naddala mu kanyigo k'e Luweero, awaali okufiirwa obulamu bw'abantu awamu n'ebintu ebikalu.Mu kuwagira olutalo luno, abantu baasuubizibwa okuzzaawo emirembe n'enkola ya Demokulaase ssaako okgolola ensobi n'okutereeza ebyasoba Gavumenti ezakulemberamu ze byali zikoze ku Buganda.Yagamba nti ekimu ku bibala by'ensonga eno era ekyasanyusa ennyo abantu, kwali okuzzaawo Obwakabaka obwali bumaze emyaka kumpi 30 nga busaanyiziddwawo. Kino yakyebaliza nnyo President ne Gavumenti ye. Obwakabaka bwa Buganda bwe bumu ku butono mu Uganda ne ku lukalu lw'Africa, obwava edda nga busengekeddwa bulungi okusobola okukulakulanya abantu baabwo. Abazungu abaasooka okujja muno, kye baava babukungiriza nga bayingidde mu Africa, ng'obwalina entegeka etaali walala wonna mu nsi z'Abaddugavu mu Africa.Yadde ekyo kiri kityo, busanze okusoomoozebwa kunene nnyo mu kaweefube waabwo ow'okwekulakulanya.Yagamba nti essira yali agenda ku lissa ku biki ebyetaagisa okuteekawo enkulakulana nga eyita mu bantu aba bulijjo awamu n`ebitongole bya Gavumenti.

EBBAGO LY'ETTEEKA LY'ETTAKA

PRESIDENT YAKKIRIZA WABEEREWO OKUTEESA NE MENGO

EMBERENGE EGAZE MU AMERIKA

(Bya Henry F Mulindwa)

WADDE ekiriggwajjo tekikutunuza nga alira, naye bw'oba tomanyi lwe kiriggwa tolema kulira!

Amerika eri mu katuubagiro era etubidde mu ddubi ly'ebyenfuna, nga abatuuze bangi emitima gibeewanise. Wano abantu babeerawo ku ssente. Bangi nnyo tebalabanga na ku nkum**bi erima! Abaana bamanyi kimu nti emmere eva mu katale, kayite *supermarket*. Teebeereza nga omulimo gukuweddeko kyokka nga buli ky'olya ogula kigule, emmotoka ebadde ekutwala ku mulimo gy'olina nga togimalangayo kugisasula kubanga babadde bazisala ku musaala, ennyumba nga n a y o bakubanja,ab'amasannyalaze n'amazzi tobabuulira ebyo nga baaagala *kaashi* waabwe! Wetwogerera abantu obukadde 6 be basaliddwa ku mirimo kubanga amakampuni mwe babadde bakolera tegakyasobola kubasasula oba gaggaddwa. Mu bano mulimu ne Bannayuganda bemmanyi obulungi. Omwezi oguyise abantu obukadde 31 be baabaliddwa nga gavumenti y'ebawa akamere. Kenkana wa nno, anti buli omu gavumenti emuwa ddool**a 6 ez'okulya buli lunaku. Ggwe bw'obazaamu 1970 oyinza okulaba nga nnyinji, naye omuntu abadde alya ddoola 30 olunaku okudda ku 6, nnegeera nti ky'aliko kika.

Kyokka ekyo tosobola kukikola nga emmere, amazzi, amasannyalaze byonna olina kubisasulira buli lunaku. Naye nga bwe bagamba nti tonyiigira nkuba etonnya wala, kuba oyinza okusakirayo, ekyeya banno bwe kibajoonyesa naawe olina ky'ofiirwa. Bannayuganda ababadde balina ke bafuna okuva mu bantu baabwe eno kati nabo beekaabire kuba ababadde bakabaweereza abamu emirimo mmye, kati nabo ge bakaaba ge bakomba! Alina ddoola ye naye kati tagita kuba tamanyi kijja. Era nga bwe mukiraba, ddoola nayo mu Uganda yalinnya, kuba ezijja zaakeewa.. Ekyo kitegeeza nti ebintu ebisuubulwa ebweru nga bigulwa mu ddoola, ebbeeyi yaabyo eriinye sinakindi abasuubuzi okulekerayo ddala okubisuubula nga bamanyi Bannayuganda tebajja kusobola kubigula. Wabula go amafuta gye gagulwa ebbeeyi ekkidde ddala kubanga abasinga okugakozesa, be Bamerika, kati basazeeko ku nkozesEkikwewunyisa mu Uganda ga bbula, ate ne lwe galabise ga buseere nnyo. Awo omanya nti gavumenti yaffe tefa ku bantu baayo, kuba bo bannaffe abali mu gavumenti amafuta bavuga ga bwereere, ffe abawa emisolo ffe tugabasasulira kyokka ne batatufaako! Tolabanga Mulaalo akama ente nga tagifaako! Ssebusiru bwa njoka, zitta nnyini zo, nti ate mmwe munaalamira wa! Mu Demukulaase, eyo gavumenti eba esuliridde kusindiikirizibwa mu kalulu akatabaamu kubba.

Ebibiina n'abantu ssekinnoomu ababadde bafuna obuyambi okuva mu bibiina ebigaba obuyambi ebisangibwa mu Amerika nabo beekaabire. Ebibiina ebigabirizi by'obuyambi bingi nnyo bifiiriddwa lunaku lirinnya ebbeeyi. Ne **stock market** bw'etyo bw'ebadde. Kale ebibiina bingi ne bannaggaga babadde ensimbi zaabwe bazissa eyo zizaale. Kyokka nnabe eyagwa mu **stock market** ky'akoze kiringa omuntu eyagula ettaka ku bukadde 10 kyokka nga kati okulitunda nga bamuwaamu obukadde 6 ! Eyassa mu **stock market** $10,000, kati olw'okuba emigabo gigudde ebbeeyi, teri agula kuba amakampuni agandiguze tegalina ssente, n'abantu batya okugula ekintu ekigwa ebbeeyi, wesanga nga asigazizza $2000! **Stock market** era eringa okugula emmotoka oterekemu ssente zo nga osuubira nti ebbeeyi ya mmotoka ejja kulinnya. Kyokka singa abantu tebaba na mirimo, tebafuna ssente, awo nno tebagula mmotoka. Ggwe bw'oyagala okugitunda oggyemu ensimbi zo zikuyambe ku kyetaago kyo, olw'obutalaba baguzi, gw'ofunye agidembula budembuzi, nga kyakukola tomulina.

Abasinze okusalwa ku mirimo bakozi ba mamotoka, kuba teri agula, (mmotoka za wano zinywa nnyo amafuta kati abantu bagula za Japan) ate nga ebikozesebwa ku motoka biva mu makolero mangi; agamu gakola **ingini** yokka , amalala bbambali, amalala ndabirwamu, leediyo, ttaala, kati ago gonna gakosebwa ekkolero erimu okuggalawo.

Mu Amerika kya buswavu nnyo omuntu okusaba obuyambi. Enkula yaabwe ya kwemalirira. Wadde abafuna emmere okuva mu Gavumenti obalaba ku mawulire nga bakaaba olw'obuswavu okuba nga tebasobola kwetuusaako bye baagala sso nga si balwadde! Kyokka bangi mu bo tebalina kyakukola kuba awatali mulimo nga osasulwa tewali ngeri muntu wa

EBIKA BY'ABAGANDA

bya Joseph Mulindwa

Omulundi ogwasembayo twalaba Ebika bya Buganda gye bisengekebwamu; nga mulimu ebiyitibwa:
Binnansangwawo,
Ebyajja ne Kabaka Kintu,
Ebyajja ne Kabaka Kimera,
n'Ebyajja by'okka.
Twatunuulira ebikwata ku Kika ky'Olugave. Omulundi guno tugenda kulaba ebifa ku Bika ebirala Binnansangwawo;
Eky'Effumbe, Eky'Engeye, Eky'Ennyange, Ekya Nnakinsige, n'Eky'Enjaza.

EKIKA KY'EFFUMBE

A) AKABBIRO: KIKERE

B) EMIBALA
1. Galinnya e Bakka
2. E Bakka Basengejja
3. Kakozaakoza anaakoza mu lw'effumbe (Oluwombo)

C) OMUTAKA W'AKASOLYA : WALUSIMBI

D) OBUTAKA: BAKKA mu Busiro.

Jjajja w'Ekika kino ye BUGANDA NTEGE WALUSIMBI.
Walusimbi yazaala abaana abalenzi 3 era be b'Amasiga abasatu agali mu Kika ky'Effumbe.
1. NAGAYA e Bakka mu Busiro
2.MAGUNDA e Lwanga mu Mawokota
3. SSEMPALA e Bulamba mu Bulemeezi

Nagaya ye yasikira kitaawe Walusimbi. Mu ye mwe muva Omutuba oguyitibwa MAKUBUYA oba KASOLO omuva abalya obwa Walusimbi. Omutuba guno gwetuukira ku Walusimbi era agufugira ku Bakka.

EMIRIMU GY'AB'EFFUMBE KU KABAKA

1. NAKKU

Ye yali omwana wa Walusimbi ow'okuna. Ye yali kaddulubaale wa Kabaka Chwa Nabakka . Kabaka bw'afa, Omulangira w'okulya Obuganda n'assibwa ku Namulondo, Nakku y'akola omukolo ogw'okutema enkumbi mu mbuga okutegeeza abantu bonna nti olumbe luwedde okwabya, abantu baddeyo ku mirimu gyabwe, Obuganda bulime.

2.. MAGUNDA
Ono yali musawo wa Kabaka mukulu nnyo era nga y'asala gyonna egijulira okuva eri Kabaka, nga anywesa amaduudu abantu ababanga bawozang'anya.
Ab'Essiga lya Magunda be baanonanga emmandwa ya Mukasa e Ssese nga bali wamu n'ab'Obutiko. Abaakolanga omulimu ogwo baayitibwanga Bakawungu.Embuga yaabwe ybeeranga Buwungu mu Mawokota.

3. KIWUKYERU
Ono y'omu ku Bataka abakuuma Namulondo.

AMANNYA G'AB'EFFUMBE

a) Agabuna Amasiga gonna

Abalenzi
Kigozi, Kaweesa, Lubwama, Nteza, Bakka, Nsinjo.

Abawala
Nakigozi,Nakaweesa, Nalubwama, Nanteza, Nabakka, Nakimuli, Naliboobi, Nakku,Nakisozi.

b) Agatera okutuumwa mu Ssiga lya Magunda

Abalenzi
Kisitu, Mpanga,Ssaabwe, Nvule, Kisenyi, Ssennoga,Ssentumbwe, Luzinda Kibalizi, Bbuzimulu, Kalumba, Ssekadde, Fulu, Kajoba, Ssemalago, Ssebigaaju, Mutemu, Batamyaga, Ggolooba, Bbombokka, Magambo, Maduudu, Kafumbe, Ssengendo

Abawala
Nakafumbe,Nang'endo, Nawakkonyi, Zaawedde, Nakanyike,Nantaba, Namammonde, Wozaako,Kinnawunge,Naluwungwe, Namakobe, Mbatudde, Nabbumba

c) Agatera okutuumwa mu Ssiga lya Nagaya ne mu Mutuba gwa Kasolo

Abalenzi
Kasolo, Makubuya, Ndugga, Kaseegu, Lukomwa, Bbanjwa, Nsobya, Musaazi, Kigumba, Kimuli, Ssebisubi, Ssubi.

Abawala
Nalukoobyo.

d) Agatera okutuumwa ewa Ssempala

Abalenzi
Ssempala, Ssekabira, Naasserenga, Ssebaggala, Mujumbula, Mayambala, Kigwanye

Abawala
Nabaggala

TTABAMIRUKA.....
Bivudde ku page.....

DR. LWANGA yebuuza ki Okukulakulana okwa namaddala kye kitegeeza n'agamba nti okusinziira ku bayivu abamu kitegeeza: 'enkulakulana efa ku byetaago bya leero kyokka nga teremesa busobozi bw'abo abalibeerawo mu maaso okutuukiriza eby'etaago byabwe' Yagamba nti n'olwekyo, enkulakulana eya namaddala mu Bugandaeteekwa okwesigamizibwa ku misngi gino:

a) Abantu ba Buganda bateekwa okubeera n'obulamu obweyagaza

b) Okukulakulana okubeera kugenda mu maaso kulina okutegekebwa nga nga tekulemesa ebyetaago by'enkulakulana n'obutonde bw'ensi obwa leero n'obw'omu maaso.

c) Obwakabaka bwa Buganda bulina okuweebwa obwetwaze (sovereignity) n'eddembe okwekolera n'okusalawo ku nsonga zaabwo naddala mu kukulakulana kasita okukulakulana kwabwe kuba nga tekukosa baliraanwa baabwe.

d) Ensonga ezikwatagana n'obutonde bw'ensi okukolwako nga abantu bonna bakwetabyemu. Abaami ba Kabaka okuviira ddala ku masaza okukka wansi babe nga be bakubiriza abantu okwongera okutaasa obutonde bw'ensi.

e) Obwakabaka bwa Buganda bulina okumatira nti enkulakulana eya namaddala erina okwetabwamu abakyala n'abavubuka.

SSABASUMBA Lwanga yayitaayita mu biki ebiremesa enkulakulana eya nnamaddala. yanokolayo bino wansi:

a) Kyekubiira mu ndowooza, okuwalana n'obutali bwenkanya mu ngabanya y'eby'obugagga bw'eggwanga nga kwesigamiziddwa ku mawanga, eddiini n'enjawulo mu ndowooza z'eby'obufuzi; gamba ng'enjogera egamba nti " A good Muganda is a dead one".

b) Obutassaamu kitiibwa birowoozo mu Uganda mwe basalirawo nti basinga kwagala Federo kyokka yo Gavumenti n'ereeta birala.

d) Entalo ezitaggwa gamba nga olw'e Luweero, olw'omu Mambuka n'Ebuvanjuba bya Uganda.

e)Okubulawo entegeka ennungi ku kulakulanya eggwanga

f)Obutabaawo bwerufu (lack of transparency & accountability) kuzingamya nnyo enkulakulana. Kabaka yaalilonzeeyo akakiiko k' abantu abeesimbu beetegereze entambuza y'emirimu gy'okukulakulana mu Buganda.

g) Okubulwa omutima ogw'emmizi n'okukkiriza okugulibwa okusaanyaawo banaffe

h) Obutayagala banaffe nga ffe bwe tweyagala.Tulina okwagala Obwakabaka bwaffe, Kabaka waffe. eggwanga lyaffe n'abakulembeze baffe mu Gavumenti. Twagale President waffe era tumusiime by'aba akoze nga birungi. Mu ngeri y'emu President naye yali badde atwagala ffenna era n'aleetawo okukulakulana okwanamaddala mu buli kanyomero ka Uganda konna. Abantu tebasaanye kuvuma bakulembeze baabwe n'abakulembeze nabo tebalina kuvuma be batwala.

Sssabasumba yawa ebintu ebikulu ebyetaagisa Buganda okusobola okukulakulana; nga muno mwe muli:

a)Uganda yeetaaga Buganda ne Buganda yeetaaga Uganda , n'olwekyo bombi beetaaga okukolaganira awamu ku nsonga z'obukulembeze n'okukulakulana, wasobole okubeerawo mu kitundu kino.

b) Obwakabaka bukozese omukisa gwe bulina ogw'obulombolombo, ennono n'obuwangwa ebirungi okulaga abantu enkulakulana eya namaddala.

d) Wabeewo entegeka ennungamu ezesigamiziddwa ku nfuga y'Obwakabaka, gamba nga amasaza, amagombolola, emiruka n'Ebika okusobola okukulakulanya abantu ba Ssaabasajja Kabaka.

e) Wabeerewo okugatta enfuga ez'emirundi ebiri ezisangibwa mu Buganda; eza LC n'ez'abaami ba Kabaka, waleme kubeerawo kukontana.

f) Ebika byaffe bitegekebwe bulungi bisobole okutuusa enkulakulana mu bantu baabyo.

g) Wabeewo entegeka eneraga ebyetaagisa okusomesa abantu baffe n'oluvannyuma abantu ba Buganda bibasomesebwe okusobola okuleeta enkulakulana.

i) Wabeewo entegeka ezifuula abakulembeze mu Buganda abalina obusobozi okusomesa abantu baabwe ku bikwatagana n'okukulakulana gamba nga Eby'obulamu, Obulwadde bwa Mukenenya (HIV/AIDS), okulima enguudo za Bulungibwansi, ebikwatagana n'amazzi amayonjo, obuyonjo mu maka n'okugakulakulanya.

Yawa amagezi aganaayamba okukulakulanya Obuganda nga gano mulimu okukulakulanya eby'obulimi, eby'enjigiriza, yasaba Gavumenti etongoze Kabaka n'enfuga ye kubanga enkulakulana eya namaddala yesigamye nnyo ku kino.

NGA amaliriza, Ssabasumba Lwanga yagamba nti enkulakulana eya namaddala ebeera ya mubiri na mwoyo.Tulina obuvunanyizibwa okusinza Katonda nga omutonzi waffe ate ne tussaamu ekitiibwa bannaffe okusobola okuteekawo enkulakulana eya namaddala ku lwa Katonda n'ensi yaffe. Yasaba olukungaana olw'engeri eno luleme kukoma awo naye lubeerengawo emirundi ebiri oba esatu buli mwaka, kisobozese abalwetabamu okwekebera we batuuse ate n'okwetegekera gyebalaga.

Dr. Sam Sejjaaka

Omukugu mu by'enfuna Dr. Sam Sejjaaka naye yayogera ku mutwe gwe gumu n'agamba nti okubaawo enkulakulana eya namaddala wateekwa okubaawo enkolagana enneesimbu.

Biraze ku Page.....

EBIKA.BY'ABAGANDA.....
Bivudde ku Page.....

3. EKIKA KY'ENNYANGE

A) AKABBIRO : KKUNGUVVU

B) OMUBALA:
"Bampe omuggo neewerekeze, mu Kyambadde mulimu engo"

C) OMUTAKA W'AKASOLYA:
KAKOTO MBAZIIRA

D) OBUTAKA: buli BULIMU mu Kyaggwe

E) AB'AMASIGA ABATUUKA KU MBAZIIRA
1. Muyanja e Bussi mu Busiro
2. Kafuuma e Bufuuma mu Busujju
3. Nundye e Muvo) mu Kyaggwe
4. Mikalo e Ssimba mu Kyaggwe
5. Kituuma e Mmengo mu Kyaggwe
6. Kyesimba e Kimbugu mu Kyaggwe
7. Nawandugu e Sserinnyabbi mu Mawokota
8. Muyomba e Buyomba mu Kyaggwe
9. Luganda e Bbanga mu Kyaggwe
10. Lugonda e Bwema mu Buvuma
11. Kibongo e Bufumira e Ssese
12. Kassukussuku e Nabitaka mu Buddu
13. Kaboola e Bukaya mu Kyaggwe
14. Kawuba e Kyazi mu Kyaggwe
15. Ggunga e Bunjakko mu Mawokota

EMIRIMU GY'AB'ENNYANGE KU KABAKA

1. MBAZIIRA
Yabeeranga musawo wa Kabaka mukulu
2. MUYANJA
yali mubazzi w'amaato ga Kabaka
3. LUBAALE MIRIMU
Ab'Ennyange be baasamiriranga Lubaale Mirimu ow'e Ndejje.

AMANNYA AGATUUMWA AB'ENNYANGE
Abalenzi
Zziwa, Kyambadde, Kafuuma, Ssemanda, Mbabaali, Nnyombi, Kannamuwangi, Kazongola, Kitanda, Katabira, Kawunyira, Lugonda,

Abawala
Nazziwa, Namirimu, Nannyonjo, Nakiwu, Salinge, Naluyange, Nalugonda,Nantaayi, Kiwuka,Nannyombi, Namuyanja.

4. EKIKA KYA NNAKINSIGE

A) AKABBIRO: KKUNGUVVU

B) OMUBALA:
"Si Mwana Kijjolooto. Bw'ali Wannyonyi abuuse."

C) OMUTAKA W'AKASOLYA:
KYEYUNE

D) OBUTAKA: buli MIREMBE mu Kyaggwe

E) AB'AMASIGA ABATUUKA KU KYEYUNE
1.Mmombwe e Ntakafuvu mu Kyaggwe
2.Makanga e Mpumu mu Kyaggwe
3. Najjambuubu e Luwangala Mawokota

EMIRIMU GY'ABA NNAKINSIGE KU KABAKA

1. MUSOLOOZA
Obwa Musolooza bukolebwa ba Nnakinsige
2.

AMANNYA AGATUUMWA ABA NNAKINSIGE

Abalenzi:
Kyeyune, Kazibwe, Kambugu, Mayega, Ssemmanda,Bugingo, Makanga, Ssekirime, Kikoba, Kagoobya,Ssebigwo, Ssekennyula, Ssenngonzi,Kigula, Kataaswa, Kagodo, Nampagi, Namunnungu.

Abawala
Nannyonga, Nakazibwe, Nakijjo, Namayega, Nanngonzi,Mbweyunye, Nabiku, Nakame, Kiwuka, Bayigga.

5. EKIKA KY'ENJAZA

A) AKABBIRO: NGUJULU

B) EMIBALA:
1. "Ow'Omugugu aliguta"
2. "Ssendabanyoro tentama"

C) OMUTAKA W'AKASOLYA:
KITANDA

D) OBUTAKA: buli KKONKO mu Kyaggwe

E) AB'AMASIGA ABATUUKA KU KITANDA
1. Kinaalwa e Nsenge mu Kyaggwe
2. Kyonga e Nyenga mu Kyaggwe
3. Kiddu e Kigoma mu Kyaggwe
4. Waguma e Naminya mu Kyaggwe
5. Mutwalume e Kkonko mu Kyaggwe
6. Ssekeba e Malindi mu Kyaggwe
7. Nnakibinga e Ggulama mu Kyaggwe
8.Genaanya e Nnakyessanja mu Kyaggwe
9. Mbwabwa e Ssendabanyoro Kyaggwe
10. Ssematimba e Najjembe Kyaggwe
11. Nnannyungu e Buwoola Kyaggwe
12. Kambugu e Buziika mu Kyagge
13. Kasasa e Bujaagu Kyaggwe
14.Kabaale e Nakiso Kyaggwe
15.Kasota e Bugoma mu Kyaggwe
16. Lugwa e Buku Kyaggwe
17. Kawanda e Wakisi Kyaggwe
18. Mukongoolo e Kitovu Kyaggwe
19. Malevu e Butavujja Kyaggwe
20. Mawawa e Bugabo mu Kyaggwe

EMIRIMU GY'AB'ENJAZA KU KABAKA
1. Ab'Enjaza be baali abayizzi b'enjovu za Kabaka. Effumu lye baayizzanga liyitibwa Nakangu.
2. Be baawoozaanga akatale k'e Kigungu, ebintu ebyavanga e Busoga n'e Bumogera.
3. Baawungulanga ebintu bya Kabaka ebyavanga e Busoga.
4. Ndimukulaga eyasimisa ennyanja ya Ssekabaka Mwanga yali wa Njaza.

EBIKA BYA BUGANDA
Bivudde ku Page ....

EKIKA KY'ENJAZA

AMANNYA AGATUUMWA AB'ENJAZA

Abalenzi:

Kyazze, Bbengo, Waguma, Kinaalwa, Kalyowa, Kiddu, Kalumba, Kibudde,, Kiwalattule, Mutega,Mabikke, Kalasi, Lumbuye, Kiwembe,Mwase,Sulumi, Kabazzi, Mpengere, Masanso, Lubambula,Mutebe, Lukabwe, Lukooya, Muwuluzi,Mayoga, Kagumba, Luwalira,Nkambwe,Lukooba,Lukoma, Nkambo, Kisuule, Baakisuula,Ndalu, Kisaku, Sseggwanyi, Bbwagu.

Abawala

Nakangu, Nakyazze, Nakinaalwa,Nawaguma,Nakalyowa,, Nakiddu,Bakwanye,Malimbo,Nabayaza, Nabulo,Nakitanda, Namuwaya, Nalugo,Nabasaku,Ndagire, Nanjego,Nakalyana,Nakirindi.

6. EKIKA KY'ENGO

A) AKABBIRO: KASIMBA

B)EMIBALA:

"Akaala k'Engo Nnamuzisa"

"Nabbuto ggwe mpita"

C) OMUTAKA W'AKASOLYA: MUTEESAASIRA

D) OBUTAKA: BUKESA mu Butambala

AB'AMASIGA ABATUUKA KU MUTEESAASIRA

1. Kalyango e Buvvi mu Busiro
2. Bbugo e Mangira mu Kyaggwe
3.Kavuma e Dajje mu Busujju
4.Nakyejwe e Mabanda mu Butambula
5. Kaseyeeye e Kawanga mu Busujju
6. Nnamakaaga e Bugimba mu Busiro
7.Nnakabambagiza e Nnalugamba mu Busujju
8. Lubowa e Kiyanja,mu Kyaggwe
9.Kavuma e Butwala mu Kyaggwe
10. Nkulo e Bwende mu Buddu
11. Katabula e Buzirango mu Buddu

EMITUBA EGYETUUKIRA KU MUTEESAASIRA

1. Sseggirinya e Lubanja mu Ssingo
2. Mwanje e Nnono mu Busujju.

AMANNYA AGATUUMWA MU KIKA KY'ENGO

Abalenzi

Kkeeya, Katabula, Mwanje,Nnakabambagiza,Ssemuyaba, Ssekulima,Kintu,Ssenabulya,Nkonde, Balimutta,Kavuma, Ssekidde,Kakumba, Ssemuju, Sseggirinya,Ssekyewa, Nkwanga, Sserubambula, Nkonde, Kanaakulya,Buwambo.

Abawala

Namwanje,Nannono, Namuleme, Nakintu,Nalubowa, Nakulima,Nabulya,Luyiga, Nabbuto,Naluwu,Nvuma,Nakiranda, Nakyejwe,Nakidde.

EMIRIMU GY'AB'ENGO KU KABAKA

1. Sseggirinya

Abagirinya be baawundanga empanga za Bassekabaka n'abalongo baabwe.

Era be baawundanga ejjoba lya Kabaka. Baakolanga n'engule ya Kabaka awamu n'enkufiira z'Abakungu.Baatimbanga amagigi mu mayumba ga Kabaka.

Ab'Engo be bazaala Kabaka Kikulwe ne Mawanda.

Nannono e Bbumbu ye yali muka Kabaka Nakibinge Omulwanyammuli.

7. EKIKA KY'AKASIMBA

A) AKABBIRO: NGO

B) EMIBALA:

" Kiiso bwe kikulaba obulungi naawe okiraba."

"Kabbembe."

C) OMUTAKA W'AKASOLYA: KABAZZI

D) OBUTAKA: KYANGO mu Mawokota

AB'AMASIGA ABATUUKA KU KABAZZI

1. Walukagga e Kibugga mu Butambala
2. Lukwaju e Sserubona mu Mawokota
3. Kasumba e Bujjaju mu Buddu
4. Luyijja e Kijumagwa mu Ssingo
5. Mafutabirye e Kyannyonyi mu Ggomba
6. Kiyemba e Zzinga mu Busiro

AMANNYA AGATUUMWA AB'AKASIMBA

Abalenzi

Buyondo, Sseggonja,Kiziri, Sseruwo,Kisiriinya,Jeero, Bakulumpagi, Mpingu, Mbaziira, Nampuuma, Kubanja, Mazzi,Kiyemba,Mabuzi,Mazinga, Kyakulumbye.

Abawala:

Nakawungu,Nakimwero, Naluwooza, Nandagire, Nakayemba, Naluwo, Nababazzi, Kirungimazzi, Namazzi, Nakiyemba.

EMIRIMU GY'AB'AKASIMBA KU KABAKA

1. Walukagga y'akulira abaweesi ba Kabaka
2.Be baali mu bwami bwa Musaale mu mpingu ya Kabaka.

EMBOOZI EZ'AMAKULU

Bya David Matovu - Matale Kalisizo

OKUWAANIBWA

Wattu wandifiirwa omukwano gwa Katonda lwa kwagala kuwaanibwa.
Omuntu bwakuwaanawaana sooka weebuuze, ddala bwe kiri ?

Bwebakuwaanawaana toyisa we wandikomye. Mulimu abawaana nga bakwagalako bibyo.

Bw'olabanga omuntu awaanawaana, manya nti abasinga baba banafu, balimba,baagala bya bwereere.
Bangi bawaanawaana alinawo.
Anti wulira:
"Bw'oliva kuno nga ekyalo kifudde"
"W'oligwa nange we ndigwa"
"Onsula ku mutima"
"Wanzita dda"
"Ggwe obasinga bonna"
"Bwe nkulowooza emmere tegenda"
"Kale wankuba"
Okuwaanawaana kwansobera olaba n'ebinyonyi biwaana binnaabyo.Tunuulira amayuba; gatera kutambula abiri, ekkazi n'essajja.
Essajja limanyi okuzimba nga ligamba ekkazi nti:
"Bwenkikinala,bwenkikinala,....."
Ekkazi nga liddamu nti:
"Okira enjovu, okira enjovu, ..."
Naye nga bw'olaba gwe bagamba okukira enjovu weewuunya.

TULIME EMMERE KU TTAKA LYE TULINA

Omuntu bw'ayogera ku mmere oyinza okufuna akaseko ku matama.
Emmere kintu kikulu nnyo mu bulamu bwaffe ate yagenda wala.
Nze nneewuunya emmere !
Nga wagiridde bulungi n'akatuuyo kajja.
Abamu beerabira n'okunaaba mu ngalo. Anti lwa mmere.
Abalala beerabira n'okusaba.
Vva ku mmere !
Abamu bagikyankuza lwa buwoomi.
Katonda yakola emmere.
Abalala bwe baba balya beggalira.
Anti emmere.
Ye abaffe, nga wayise omuntu ku mukolo gwo n'afikka,ha emmere.
Emmere eyonoona n'ebitiibwa bya abanene.
Emmere yagenda wala.
Bano abakola mu ofiisi, nga wamusanze mu kiseera kya *lunch,*akugamba nti nsonyiwa obudde bwa mmere.
Abamu bakyala mu budde bwa mmere.
Nze nneewuunya emmere.
Olaba babuuza: "Omulwadde alyako ku kamere ?"
Bwaba takyalyako olwo essuubi ly'okuwona liba ttono.
Bw'otaba na ssente ate n'obulwa emmere, buddugala.
Emmere bwebula mu maka n'emirembe gibulamu.
Nga wasanze ali ku muzigo nga talina mmere, biba bizibu.
Bw'oba tolina mmere toyagala na bagenyi.
Lwaki tetulina mmere.
Olwaleero waaliba ne ssente ezigula emmere,naye ate enkya ?
Ye abennganda zo obakubirizza otya okulima emmere ?
Tulime emmere ku ttaka lye tulina.
Lino lye kkubo erinaatuyamba okukozesa obulungi ettaka lyaffe ne batalitutwalako.
Owa Boda-Boda, nga tonagenda ku siteegi sooka olime.
Lima omusiri gwa lumonde oba ogwa muwogo.
Simba ebijanjaalo, kasooli ne kawo.
Ggwe Omusomesa buli Lwamukaaga ne mu luwummula lima.
Abazadde, abaana nga bawumudde mubatwale balime.
Omubazzi ne Makanika nga tonagenda kukola sooka otemeyo enkumbi. Genda ku mirimu gyo emirala nga omaze kutemayo ku bikata bya Lumonde.
Buli alina amaanyi avunanyizibwa okulima emmere.
Kino kijja kuyamba okuweza emmere mu Buganda ate n'abaagala okutwala ettaka lyaffe bakendeeze amaddu g'okulaba ensiko etaliiko kirimirwako.
Ggwe ali mu kibuga funa ekibanja mu kyalo.
Teekayo abapakasi bakulimire.
Lw'oyiseeyo okomewo n'ebikutiya by'emmere.
Gano matooke. Ono Lumonde . Oli Muwogo.
Awo enjala tujja kuba tugikubye oluku mu mutwe.
Mu kiseera kye kimu nga n'ettaka lyaffe nga tuliganyuddwamu.

KATONDA ABAKUUME.

AMASAZA GA BUGANDA

OBWAKABABAKA bwa Buganda butambulira ku mitendera emikulu 2. Ogusooka gwe gw'obuzaale. Buli muntu alina ekika kye. Ekika kino kikulirwa Omutaka omukulu w'Akasolya nga y'akituusa ku Ssaabataka, Ssaabasajja Kabaka Omutendera ow'okubiri gwe gw'Obukulembeze obuva ku kyalo, ku muluka,eggombolola,ku ssaza ne butuuka ku Katikkiro, Kamalabyonna era abutuusa ku Ssaabasajja, Magulunnyondo.

Emitendera gino gyombi mikulu nnyo kubanga kwe kutambulira Obuganda. Okutandika n'omulundi guno, ETTAKA YE NNYAFFE ajja kubeera nga akutusaako obuvo n'obuddo bw'Amasaza gaffe 18 aga Buganda. Twagala okwebaza Ekitongole ky'Eby'Obulambuzi mu Gavumenti ya Ssaabasajja Kabaka abaakola omulimu omunene ogw'okufulumya Maapu ya Buganda eraga Ensalo entongole ez'Obwakabaka bwa Buganda.Nga Abantu ba Buganda bamaze okumanya ensalo z'Obwakabaka ate bakubirizibwa okuzikuuma obutiribiri zireme kuwambibwa.

AMASAZA GA BUGANDA

Amasaza ga Buganda, Kabaka agafuga nga ayita mu mwami Owessaza.

Okutuukira ddala mu 1964, Buganda yalina Amasaza 20. Amannya gaago, Abaami n'Embuga zaago ze zino:

1. Kyaddondo, Kaggo e Kasangati
2. Kyaggwe, Ssekiboobo e Mukono
3.Bulemeezi, Kangaawo e Bowa
4.Busiro, Ssebwana e Ssentema
5.Mawokota, Kayima e Butoolo
6.Ssingo, Mukwenda e Mityana
7.Ggomba, Kitunzi e
8.Buddu, Pokino e Masaka
9. Ssese, Kweba e Kalangala
10.Mawogola Muteesa e Ssembabule
11. Kooki, Kamuswaga e Rakai
12.Kabula, Lumaama e Lyantonde
13.Butambala, Katambala e Kibibi
14. Buvuma, e Maggyo
15.Buweekula, Luweekula e Mubende
16. Buruuli, Kimbugwe e Nakasongola
17. Bugerere, Mugerere e Ntenjeru-Kayunga
18.Busujju, Kasujju e Mwera

Gano gatwalibwa e Bunyoro mu 1964 oluvannyuma lw'Akalulu ak'ekikungo

19. Buyaga, Kyambalango e Kaluguuza
20. Bugangaizi,Kiyimba e Kakumiro.

Embuga zino kwe kwatambuliranga okukulakulana.

Mu biseera ebyasooka Abaami ab'amasaza n'ab'Amagombolola babeeranga ba Bika.Eky'okulabirako: Omwami Ow'Essaza ly'e Busiro, Ssebwana yabeeranga Mugema Omukulu w'Ekika ky'Enkima. Omwami ow'Essaza ly'e Busujju, Kasujju, yabeeranga wa Kika kya Lugave. Omwami ow'Eggombolola ya Musaale, Mawokota, yabeeranga, Namwama, Omukulu w'Ekika ky'Ekkobe. Oluvannyuma enkola eno yakyusibwa, abaami ne baba nga balondebwa okuva mu Bika byonna ebya Buganda, okusinziira ku buzira n'obusobozi bwabwe.

Kabaka yasiimanga n'alonda omuntu alina ebisaanyizo okuva wonna mu Buganda.Omuntu yakuzibwanga n'ava mu ggombolola emu mu Buganda n'atwalibwang'Owessaza mu ssaza eddala.Kino kyayambanga nnyo okubeera n'omutindo gw'enkulakulana ogw'ekyenkanyi wonna mu Buganda.

Mu katabo kaffe kano tutandise n'Essaza ly'e Bulemeezi.

BUGANDA LAND BOARD

Abakiise ba Buganda Land Board okuva nga 1 February 2007

SSENTEBE
Omukungu Martin Kasekende

OMUMYUKA WA SSENTEBE
Omukungu Dr. Stephen Kituuka

ABAKIISE ABALALA

Omukungu I.K. Kabanda

Omulangira D.K Wasajja

Omukungu Amb. Swaib Musoke

Omukungu R. Waggwa Nsibirwa

Omutaka P.N.Kibondwe

Omukungu Alhaji A. Nadduli

Omukungu Levi Zimbe

Omukungu Architect Joel Kateregga

Omukungu Steven Mubiru - Kalenge

Omulangira Abbas Mawanda

Omukungu Muky. Eva Kasirye Alemu

Omukungu Eng. D. Ntwatwa

EX - OFFICIALS

Owek. Muhammud Thobani

Omukungu Kyewalabye Male - Executive Secretary

Omukungu John Kitenda - Omuwanika w'Enkuluze

Tuukirira:
Omuwandiisi wa Buganda Land Board
Ground floor, Bulange Building
P.O.Box 14205, Kampala
Tel: (Gen) 0312 - 263741/ 2

EBIFAANANYI

EBIFAANANYI

AMASAZA GA BUGANDA

ESSAZA BULEMEEZI

Bya Wilson Ssentoogo

Essaza ly'e Bulemeezi mu bukiika obwa kkono, busalagana n'Essaza ery'e Buruuli, Omugga Kafu gwe gwawula ku Bunyoro. Ebugwanjuba waliyo Essaza ly'e Ssingo ate Ebuvanjuba Omugga Ssezibwa gumwawula ne Bugerere. Obukiika ddyo asalagana ne Busiro ku ludda olw'Ebugwanjuba ate n'asalagana ne Kyaddondo ku ludda olw'Ebuvanjuba.
Mu biseera by'Obote Bulemeezi yayawulwamu amasaza ,Katikamu ne Bamunaanika.
Essaza lino olwaleero lisaliddwamu Districts 2, Nnakazadde ey'e Luweero n'empya ey'e Nakaseke Butalango.

Obwami bwa Kabaka n'Embuga z'Amagombolola mu ssaza ly'e Bulemeezi.

1. Mumyuka, Nsege e Butuntumula
2. Ssaabaddu, Kisubika e Kapeeka
3.Ssaabagabo,Nankyama e Nakaseke
4. Ssaabawaali, Masiki e Kalagala
5.Musaale, Mugolooba e Wakyato
6.Mutuba I, Mutengeesa e Nngoma
7. Mituba II, Mukuma e Katikamu
8. Mituba III, Magatto e Nnyimbwa e Wabulenkoko
9. Mituba IV,Kawulukusi e Makulubita
10.Mituba V, Ngobya e Wabusaana
11.Mituba VI, e Ziroobwe
12. Mituba VII, e Kansekka
13. Mituba VIII, Kamuli e Kikamulo.

KANGAAWO
Omwami wa Ssaabasajja afuga Bulemeezi ye Kangaawo.
Ba Kangaawo abafuze Bulemeezi
1.Kakebe Naabugwamu yali wa Mmamba.
Ono ye Kangaawo omubereberye.
Yabuweebwa Ssekabaka Kimera mu 1374.Yafuga ku mirembe gya Bassekabaka: Kimera. Ttembo, Kiggala ne Kiyimba. Yafa mu 1464 n'asikirwa mutabani we.
2. Zirejja Naabugwamu.
Yafuga ku mirembe gya Bassekabaka 3: Kayima, Nakibinge ne Mulondo.
3. Tabbi Naabugwamu
Mutabani wa Zirejja . Yafuga ku Bassekabaka:Jjemba ne Ssuuna I okutuuka mu 1554.
4. Naabugwamu Namukwa
Mutabani wa Tabbi. Yafuga ku Ssekabaka Ssekamaanya
5.Naabugwamu Muvubi
Ono mutabani wa Namukwa. Yafuga ku Bassekabaka Kimbugwe, Kateregga ne Mutebi I okutuuka mu 1644.
6.Naabugwamu Ssendijja
Mutabani wa Muvubi. Yafuga ku Bassekabaka: Jjuuko, Kayemba, Tebandeke ne Ndawula
7. Naabugwamu Kasulamunkanja.
Mutabani wa Ssendijja. Yafuga ku Bassekabaka Kagulu Tebuchwereke,Kikulwe ne Mawanda.
Ssekabaka Mawanda ye yakomya ba Nnaabuggwamu ab'Emmamba okufuga obwa Kangaawo mu ngeri ey'ensikirano mu musaayi.

8. Matumpaggwa
Yabuweebwa Ssekabaka Mawanda mu 1724. Yafuga emyaka 20. Yakyusa embuga ya Kangaawo okugijja e Ssambwe n'agikuba ku mutala Bbowa-Kibira mu 1726. Ssambwe kyasigala nga mbuga ya BUTAKA bwa Naabugwamu.
Matumpaggwa yafuga ku Bassekabaka Mawanda ne Mwanga I. Yafa mu 1744, n'aziikibwa e Bbowa-Buzinde.
9. Kambugu
Yeddira Nnyange. Yafugira Bbowa-Buzinde ku Bassekabaka: Namugala, Kyabaggu ne Jjunju.

10.Bunnya
Yali yeddira Nseenene. Yafuga ku Ssekabaka Ssemakookiro.
11. Ssekkono Magere
Yali yeddira Nnyange Yafuga ku mulembe gwa Ssemakookiro
12.Makya
Yali yeddira Butiko. Naye yafuga ku Ssemakookiro.
13. Kirimuttu (Ngeye)
Yafuga ku Ssekabaka Kamaanya.
14.Bigomba (Ngeye)
Yafuga ku Ssekabaka Kamaanya.
15. Mmandwambi (Nkima)
Yafuga ku Ssekabaka Kamaanya.
16. Muguluma (Ffumbe)
Yafuga ku Ssekabaka Ssekamaaanya
17. Ggombe (Ngabi)
Yafuga ku Ssekabaka Kamaanya.
18. Nabbwaga (Nvuma)
Ye yafundikira Omulembe gwa Ssekabaka Kamaanya.
19.Wemirira (Ffumbe)
Yafuga ku Ssekabaka Ssuuna II.
20.Ndolombe (Musu)
Yafuga ku mulembe gwa Ssekabaka Ssuuna II
21. Mpengere (Kkobe)
Yafuga ku Ssekabaka Sssuuna II
22.Kyagaba (Butiko)
Ye yafundikira omulembe gwa Ssekabaka Ssuuna II.
23.Kaddu (Ntalaganya)
Yafuga ku Ssekabaka Mukaabya Muteesa I
24. Ssebbowa (Nseenene)
Yafuga ku Ssekabaka Muteesa I
25.Nnyikoomuyonga
Yafuga ku mulembe gwa Ssekabaka Muteesa I.

MAILO AKENDA ZISANGIBWA WA MU BUGANDA ?

Bya Joseph Mulindwa

NGA bwe twabategeeza mu butabo bwaffe obwasooka *"Ettaka ye Nnyaffe"* bulijjo ajja kuba akuleetera ebintu ebinonyerezeddwako abakugu okusobola okuloga ennyonta y'okumanya eya abasomi baayo. Omulundi guno ka tubatuuseeko ebyafulumira mu katabo "EBIFA MU UGANDA" akaafuluma mu FEBRUARY 1946. Mu kiseera ekyo ettaka lino zaali za GAVUMENTI ENKUUMI era nga liyitibwa CROWN LAND. Akatabo kano bino kaabyesigamya ku byali mu kitongole kya Lands & Survey e Ntebe. Ettaka lyali liyimiridde bwe liti:

		SIKWEYA MAILO	
ESSAZA	ERY'ENTOBAZZI	ERY'OLUKALU	OMUGATTE
1. KYADDONDO	10	15	25
2. BUSIRO	78	26	104
3.BUTAMBALA	16	34	50
4. KYAGGWE	76	88	164
5. MAWOKOTA	94	63	157
6. BUSUJJU	30	7	37
7. BULEMEEZI	265	667	932
8.GOMBA	34	244	278
9. BUGERERE	106	250	356
10. BURULI	218	675	893
11. BUDDU	303	549	852
12.SSESE	4	49	53
13. BUVUMA	-	4	4
14. KABULA	22	204	226
15. KOOKI	96	275	371
16. MAWOGOLA	67	636	703
17. SINGO	245	1,217	1,462
18. BUWEEKULA	35	469	504
19. BUYAGA	25	489	514
20. BUGANGAZZI	28	227	255
OMUGATTE	1,752	6,188	7,940

GATTAKO

Ettaka eryamala okuweebwa Minsane	12
Ettaka ery'enfissi ery'okuweebwa Bannansi	154
Ettaka ery'eyongera ku ly'ebibira okuweza 1500 eziri mu Ndagaano y'Olwenda	994
ZONNA AWAMU	9,000

DISTRICTS KI EZIRI MU MASAZA GANO LEERO ?

Bugangazzi ne Buyaga : KIBAALE Kabula: LYANTONDE Buvuma ne Kyaggwe: MUKONO
Ssese: KALANGALA Buddu: MASAKA, RAKAI Buruli: NAKASONGOLA Bugerere: KAYUNGA
Gomba, Mawokota ne Butambala: MPIGI Bulemeezi: NAKASEKE, LUWEERO Busujju: MITYANA
Busiro ne Kyaddondo: WAKISO Kooki: RAKAI Buweekula: MUBENDE
Mawogola: SEMBABULE Singo: KIBOGA, MITYANA, MUBENDE

AMASAZA GA BUGANDA

ESSAZA LY'E BULEMEEZI

Bivudde ku Page

26. Nnamalere (Lugave)
Yafuga ku Ssekabaka Muteesa I.

27. Kibirango (Lugave)
Bwamuweebwa Ssekabaka Muteesa I mu 1884. Baamuttira mu lutabaalo e Bunyoro mu 1885 ku mulembe gwa Ssekabaka Mwanga II

28. Yusufu Tebukozza Wasswa (Lugave)
Yafuga ku mulembe gwa Ssekabaka Mwanga II

29. Yozefu Kiwanuka Nsingisira (Butiko)
Yafuga ku mulembe gwa Ssekabaka Mwanga II ogw'okubiri. Yeyakyusa Embuga ya Kangaawo okugiggya e **Bbowa Buzinde** n'agizza ku mutala **Waluleeta** nga emazeeyo emyaka 143.

30. Kapalaga (Nnyange)
Yafuga ku mulembe gwa Ssekabaka Kiweewa .

31. Ssempa (Nkima)
Yafuga ku Ssekabaka Kalema, mu katabanguko k'olutalo lw'eddiini, Ssempa mwe yattirwa mu 1889.

32. Zakaliya Kizito Kisingiri (Mamba)
Yafuga ku mulembe gwa Ssekabaka Mwanga II ogw'okubiri n'ogw'okusatu ssaako ogwa Ssekabaka Daudi Chwa II mu 1897, nga akyali muwere. Yakyusa embuga ya Kangaawo okugiggya e Waluleeta okugitwala ku kasozi Ggaga. Mu 1900 yalondebwa okubeera Omuwanika wa Buganda, nga alese atandise ebizimbe by'embuga y'Essaza eby'obuwangaazi, oluvannyuma ebyasaanyizibwawo Milton Obote mu 1966.

33. Samuel Mukasa Ganaafa Muganzaawongererwa (Nseenene).
Yafuga ku mulembe gwa Ssekabaka Daudi Chwa II. Yasikiriza abantu okulima ppamba. Yamaliriza ebizimbeby'embuga ku kasozi Ggaga, ebyayogerwangako nga ebyali bisinga obulungi mu Buganda mwonna.

34. Ashey Mukanga Ssendawula (Nseenene)
yafuga ku Ssekabaka Daudi Chwa II. Yali muzira nnyo n'amanyibwa mu Buganda wonna.

35. Joswa Zaake Sserufusa (Nvubu)
Yafuga ku Ssekabaka Daudi Chwa II okuva mu 1939 okutuuka mu 1955 ku Ssekabaka Sir Edward Muteesa II. Yalimisa nnyo enggudo za Bulungibwansi mu ssaza lyonna. Ye yali Kangaawo Ssekabaka Muteesa II we yatandikira okukuba Olubiri lwe e Baamunaanika.

36. Erenesti Lwanga Mukote (Mamba)
Yafuga ku Ssekabaka Muteesa II, okuva mu 1955 okutuuka mu 1958.

37. Serwano Kigozi (Ffumbe)
Yafuga okuva mu 1959-1961 ku mulembe gwa Ssekabaka Muteesa II

38. Asanasiyo Walusimbi (Ffumbe)
Yafuga ku mulembe gwa Sir Edward Muteesa II, okuva

39. Lameka Mubiru Ssebanakitta (Mamba)
Yafuga ku Ssekabaka Muteesa II, okuva mu 1964 okutuuka mu 1965. Ye yali Kangaawo Milton Obote we yatandikira okutigomya Kabaka wa Buganda.

40. Hajji Musa Kibirige (Ngeye)
Yasimattuka Oboteokumuttira mu mbuga ye e Bbowa mu kazigizigi wa 1966.

41. Gideon Wamala Kisitu (Ffumbe)
Yayingizibwa Ssaabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II, mu mbuga y'Essaza e Bbowa nga 20/07/2000 era y'akyaliko.

Biraze ku Page 21

ABALEMEEZI N'ENSWA

Bya Wilson Ssentoogo

ABALYANNAKA
Abalemeezi bamanyiddwa nga Abalyannaka. Bayitibwa "Abalyannaka" kubanga bawoomerwa ennyo enswa eziyitibwa ENNAKA.
Omulemeezi yeejaga nnyo olunaku enswa lwezinabuuka naddala ez'"omugano". Omulemeezi, kigambibwa, nti enswa ye ne bw'eba esalidde mu luguudo

ekyo tekimuziyiza kuzimba Mugala mu luguudo wakati nga tabaliriddе baagala kuyitawo.

ENSWA ENNAKA
Ekigambo ENSWA kirimu amakulu ga mirundi ebiri.
1. Ekimu ku bika by'ebiwuka ebiriibwa .
2.Ekifo oba amaka g'ebiwuka ebiyitibwa enswa mwe zisula.

Ensonga ezo zombi zikwata ku bika by'enswa zonna ze tulina mu Buganda, nga zino ze : Ensejjere, Empawu, Entunda, Embaala, Ennaka, Obuggalamatu n'Obumpowooko.

Enswa Ennaka
Zirina ebiseera mwe zibuukira :
i) Zitera kutandika mu mwezi gwa October, November ne zituuka mu December mu sabbiiti esooka singa enkuba eba eruddewo okutonnya. Ennaka ezibuuka mu biseera ebyo ze ziyitibwa ez' "Omwaka".

ii) Ate waliwo ennaka ezibuuka mu mwezi gwa May ne June, zino ziyitibwa "Enkonzikonzi".
Ennaka zibuuka mu budde bwa misana bwokka.

OMUGANO
Ennaka okutandikira ddala okubuuka zitandika n'ebiseera ebiyitibwa eby'Omugano ogubeerawo ng'enkuba etonnyeeggulo-limu, gamba nga ku ssaawa 10 oba 11 ez'olw'eggulo; oba ekiro obutasukka ssaawa 4. Enkeera akasana bwe kaaka obulungi, bwe ziwera essaawa

OKUZIMBA OMUGALA
Enswa ng'esaze Omulemeezi atandika okuzimbako akayumba akayitibwa"Omugala" n'asimakenvubo, bw'amala, n'alinda essaawa okutuuka omusanvu, agenda okulaba ng'etandise okuzza (okuleeta obukuyege), olwo n'atandika okwaliira oba okssaamu omwaliiro(obusubi nswa kwe zitambulira okutuuka okugwa mu nvubo).
Ez'omugano zibuukira olunaku lumu lwokka, enkeera teziddamu kubuuka era olunaku lwezitabuuse luyitibwa "Ddambi", nti ziba mu kuwummulako.

ENKUBE
Engeri ey'okubiri enswa ennaka gye zibuukamuziba zikubiddwa bukubibwa.Ezo ze ziyitibwa "Enkube".
Omukubi w'enswa bw'aba omukugu ayogeza bulungi eminyolo naawe awulira bw'akuba n'onyumirwa.

Omulemeezi akimanyi bulungi nti buli lw'okuba ennaka oba osaba Lubaale w'ennaka ayitibwa "Pereketya" akuwe ku nswa ze z'alina eyo mu ttaka.
Asabisa minyolo nga akoona bwati:
Kko-kko-kko-kkokkokko emirundi 3, eminyolo givaamu eddoboozi eryogera bwe liti:
"Ggwe-ggwe-ggwe-pereketya" x 3
"Mpereketya mpa ku nswa pereketya"
x 3
"Akajja nkabojja, pereketya, mpa ku nswa pereketya"
"N'abito mbibojja pereketya mpa ku nswa pereketya"
Omukubi bw'alaba ng'amaaso agabadde gatunula enkuyege zigazibyewo olwo n'amanya nti pereketya awulidde n'alekera awo okukuba. Addira ebisubi oba endagala n'abikka ku mugala omusana guleme kwaka nnyo mu ki swa kye, eminyolo gy'akubizza afuna awantu n'agkwekawo (kizira okumala gagisuula awo). Oyo anaakuba enswa eggulo limu tayogera nti ajja kukuba enswa.

Omuntu anaakuba enswa atandika ssaawa nga 3 okutuuka ku 4. Bwagikuba ekikeerezi tebuuka.

EBIGAMBO EBIKOZESEBWA KU NSWA
1.Emyezi gy' Enswa
Gino gy'emyezi enswa mwe zibuukira
2.Okusaayira Ekiswa
Okugenda ng'onoonya awali ekiswa ekisaze osobole okukizimbira
3. Amaaso g'enswa
Buno bwe butuli enswa mwezifulumira okuva mu ttaka, olumu buyitibwa matabo.
4. Omugala
Ke kayumba ke bazimba ku nswa ennaka okusobola okugibikka, bazimbisa emmuli oba obuti obutonotono obuyitibwa obukakala.
5. Envubo
Ekinnya kye basima ku kiswa okusobola okukungaanyizaamu enswa eziba zibuuka .
6. Omwaliiro
Buno bwe busubi obw'olusenke oba obutiiti ng'olusenke terulabise, oyo azimbira ekiswa bw'ayaliira mu kiswa kye. Bwe zitandika okubuuka kwe zitambulira okutuuka lwe zigwa mu nvubo n'ejjula.
7. Amakoonezi
Amaaso g'enswa ennaka agasalira ebweru w'omugala. Omussi w'enswa bw'agalaba agazibikira mangu, enswa ne zitayitamu kubuukira bweru.
8. Ekiragala
Olulagala lwe baweta okufaanana nga omuntu agenda okuzinga enkata naye emiko gy'olulagala n'agisiba ku nsanda okufaanana ng'akoze ebbakuli. Ekiragala akiteeka mu nvubo gye yasimye ku kiswa. Mu kiragala enswa mwe zigwa ne ziwera mu nvubo.
9. Olusoggo
Olulagala lwe bafunya nga lufaanana ng'omuzindaalo.
10. Ekipooli
Ennaka enkalu bwe bazisekula ne zigonda nnyo ne zibeeranga ekitole ky'omuzigo oba eky'ettooke

EBIFO BY'EBYAFAAYO MU BULEMEEZI

ESSAZA Bulemeezi lirina ebifo by'ebyafaayo bingi; era ebimu ku bifo ebyo bye bino:

1. Bulemeezi

Erinnya ly'essaza lirabika nga lyava mu linnya ly'ekyalo kino. Kisangibwa mu Ggombolola ya Ssaabawaali e Kalagala. Kyabbulwamu erinnya lya nnyini kyo kyamuweebwa Ssekabaka Chwa Nabakka . Kyabbulwamu essaza Bulemeezi mu 1374 ku mulembe gwa Ssekabaka Kimera. Okuva e Bombo okwata erigenda e Kalagala, kiri kumpi n'amasomero ga SDA e Ddegeya (Anoonya).

2. Baamunaanika

Ekyalo kino Sir Edward Muteesa II yakubako olubiri lwe mu 1940, era kiri mu Ggombolola ya Mituba VIII mu Kichwa ewa Muchwa. Mu Lubiri muno mwe mwali emikolo egy'Omulangira Ronald Muwenda Mutebi okubikka akabugo ku Njole ya kitaawe Ssekabaka Sir Edward Muteesa II, nga Idi Amin agikomezzaawo, nga 4 April 1971. Ku kyalo kuno era kuliko akabira akayitibwa Baamunaanika. Abantu bava e Bule n'e Bweya nebajja wano okusaba emikisa. Mu biseera ebyakayita Abayindi Abasingasinga baayiika mu kifo kino ne baleeta eby'okulya biyitirivu nebalya ne bagabula n'abantu ab'omu kitundu. Bagamba nti nabo mu nnono zaabwe ekifo ekyo bakitwala nga kikulu. Basaba ab'e Mengo bakiteekemu ensimbi kibeere ekifo eky'obulambuzi "Abasingasinga" bave mu nsi yonna gye bali nga bagggya wano okulambula (okulamaga).

3. Nakalembeka

Kino kiwonvu kiri wakati w'ebyalo Bbowa-Buzinde n'ensozi ebbiri Nabbowa ne Ssebbowa mu Kigobe mu Ggombolola y'e Makulubita. Musangibwamu oluzzi olukulu ennyo mu byafaayo oluyitibwa Nakalembeka, olwesima lwokka mu 1724 ku mulembe gwa Kangaawo Maatumpaggwa, etakuba embuga z'essaza Bbowa-Buzinde. Bagamba nti oluzzi luno lwabangako omusambwa nga gulabikira mu musota ogwerambikanga ku nkoma z'oluzzi olwo. Abantu baasanganga amazzi geerembese bulungi era nga gatukula nnyo. Bwe basenanga ne gaggwawo, waayitanga akaseera katono ate negaddawo. Kwe kwava erinnya Nakalembeka kubanga lwerembekanga lwokka.

Lwalina emiziro gino:

a)Terwasenwangamu mukazi ali mu nsonga

b)Lwayerulwanga baana bato bokka (embeerera)

c)Terwatutubikwamu kintu kyonna okujjako okusenesaamu olwendo n'omutawu byokka.

Lwaliko omusota ogwerambikanga ku nkoma zaalwo, abagenda okusena amazzi gwabaseguliranga , bwekwabangako abalina ebisobu nga teguvaawo.

Bagamba nti buli eyaweebwanga obwa Kangaawo nga asooka kukola mukolo omutongole ogw'okukimako ensuwa y'amazzi ekiro, n'agitwala nga agyetisse ku mutwe n'agituusa ku mbuga nga tannay nga tannayingizibwa (Ensuwa y'amazzi ye musooka). Okwo kwa kwava enjogera egamba nti "Ebiyita ekiro, ne Kangaawo yeetikka.."

4.Bbowa-Buzinde (Baaakijjulula)

Kisangibwa mu Ggombolola y Mt IV e Makulubita, etwala ekifo awali embuga y'Essaza. Kwe kusangibwa ekiggya kya Kangaawo Matumpaggwa era kwe kwasooka okuzimbwa embuga ya Kangaawo nga bagiggye e Ssambwe, oluvannyuma we yava n'etwalibwa e Waluleeta.

5. Walusi

Kino kisangibwa mu Ggombolola ya Mituba V e Wabusaana. Kuliko olusozi Walusi olulina entikko 9 era nga kuliko n'ebiggwa bya Walusi. Abaliko empewo z'eby'obuwangwa bagendayo okufuina obubaka.Bagamba nti Walusi y'akulira ensozi zonna mu Bulemeezi.

6.Buyego

Kiri mu Ggombolola Mituba II e Nnyimbwa kumpi ne Bbombo. Kiriraanye ekyalo Ssambwe. Kwe kusangibwa ekiggwa kya Kawumpuli. Kifo kya buwangwa. Kyayatiikirira nnyo ku mulembe gwa Ssekabaka Jjuuko.Edda omuntu bwe yafanga obulwadde obwa amangu naddala nga yerumika oba okusimbibwa ensanjabavu nga bagamba nti Kawumpuli amusimbye.

7. Ssempa ne Nnampa

Ensozi zino zisangibwa mu Ggombolola ya Mit. II e Katikamu ng'ovudde e Wobulenzi nga ogenda e Baamunaanika. Bw'ova mu kawonvu akayitibwa Nakijambaga ng'otuuka ku kyalo Ssempa. Olusozi olwo luliko entikko 2, emu eyitibwa Ssempa ate endala n'eyitibwa Nnampa. Abaana abazaalibwa ku kyalo kino n'ebiriraanyewo batuumibwa amannya ago; Ssempa oba Nnampa. Okwo kwebongererako ery'Ekika; gamba nga: Ssempa Kalule, Nnampa Nnaggingo, Ssempa Matovu, Nnampa Namatovu, etc..

EBIFO EBY'EBYAFAAYO.....

Bulemeezi ly'Essaza mu Buganda eririna ebifo nga ensozi, emigga ebituumibwa abaana abazaalibwa mu byalo ebiriraanye ebifo bino. Eky'okulabirako: Ssebbowa, Nnabbowa, Ssempa ne Nnampa, Seggale ne Naggalye, Ssettimba ne Nnattimba, Buyego ne Nnaabayego ssaako Kiggwe ne Nnakiggwe. Bino byonna byalo, nsozi n'emigga egisangibwa mu Bulemeezi.

8. Kapeeka

Kiri mu Ggombolola ya Ssabaddu'e Kapeeka. Kino kye kyalo eby'entambula mu Bulemeezi kumpi ne mu Buganda mwonna gyebyatandikira mu mwaka 1934. Kyobe ne banne: Sserwanga, Ssettimba ne Kujagata baatandika ne bbaasi emu ng'eva e Kapeeka, n'eyitira e Wakyato. Kiwoko, Nakaseke,Bbowa, Kalule, Kalagala n'etuuka e Gayaaza, Wangegeya, Makerere, Aga Khan, Kampala Mukadde, n'esimba we bayitanga mu Katuba kumpi n'omwala gwe Nakivubo. Baafuna bbaasi endala n'eva e Ngoma, Wakyato, Kiwoko okutuuka e Kampala mu Katuba.Oluvannyuma baawandiisa Kampuni; SS & K Bus Company (Sulumani Sserwanga ne Kyobe Baasi Kampuni). Mu 1948 baafuna ekifo Baasi zaabwe we baazisimbanga era mu 1959 ekifo ne Sulumani Sserwanga Baasi Paaka. Abantu abalala nabo bwe baagula Baasi , Paaka eyo n'eyitibwa "Baasi z'Abaganda".

9. Mubanda

Kiri mu Ggombolola y'e Nnyimbwa . Abataka bakimanyi nga Nagawonye, Lubaale w'Enkuba. Edda enkuba bwe yalwangawo nga tetonnya, nga bafumba ekijjulo nga bakitwala ku lusozi luno nga bakowoola Lubaale Nagawonye nga bagabula nga bwe basaba enkuba etonnye, oluusi baabanga bakyasaba enkuba n'eyiika. Ekifo kiriraanye nnyo ekigo ky'Abakatuliki e Nandere.

10. Ndejje

Nakyo kiri mu Ggombolola y'e Nnyimbwa.Edda ennyo ekyalo kino kyayitibwanga Nnyondo. Kigambibwa nti Lubaale Mirimu yabeeranga Ndejje mu Kyaddondo, eyo gye yava n'asenga ku kyalo Nnyondo mu Bulemeezi, kuno kwe kwava ekyalo okukiyita Ndejje olwa Mirimu okukubako ekiggwa kye ng'ava ku mutala Ndejje mu Kyaddondo. Ekiggwa kino kisangibwa mu kiwonvu ky'ekyalo Nnyondo, ng'oyitira ku ttendekero ly'Abasomesa okumpi n'ekkanisa. Abataka bagamba nti Abaminsane okuzimba ku lusozi luno baagenderera kumalamu maanyi ga Mirimu abantu bakome okusulanga nga balejja kye baava bakyusa Ekkanisa okuva e Bbaale ne bagyambusa ku lusozi olwo Nnyondo mu 1893.Abaganda bwe bwe baasoma eddiini y'Abaminsane nebatandika okufeebya emirimu gya Lubaale Mirimu ne Nagawonye e Mubanda sso nga luli be baali basinza Lubaale waabwe oyo; abantu ne batandika okwewuunya nga bagamba nti ababadde bannannyini biggwa ate be babiweebudde ?! Okwo kwe kwava enjogera egamba nti "Nannyini kiggwa y'akiweebuula".

Olwaleero Abaminsani Abapotestante ekifo bakikulakulanyizza nnyo. Kiriko ne University, essomero ery'amaanyi erya Senior gattako Teacher Training College eyitibwa Lady Irene n'essomero erimanyiddwa nga Naalinnya Lwantale.

OLUKIIKO TTABAMIRUKA.....
Bivudde ku Page ...

ey'obwesimbu wakati wa Gavumenti zombi eya Uganda n'eya Buganda, nga buli ludda luwa lunnaalwo ekitiibwa. Yagamba nti Gavumenti y'aliba ng'ereese okukula mu by'enfuna (economic growth) naye tereese nkulaakulana (economic development. Yagamba nti abantu abatalina buwangwa tebawa bantu balala kitiibwa kye bava basobola n'okuvuma abalala. Yamaliriza nga agamba nti enteekateeka z'obukulembeze ez'Abaganda kyangu nnyo okukozesebwa Gavumenti n'ebitongole by'obwa nnakyewa okuleeta enkulakulana eya namaddala mu Buganda.

Prof. Mahmood Mamdani

OMUSOMO ogwaddako gwaweebwa Omuyivu Prof. Mahmood Mamdani nga guliko omutwe ogugamba nti " Obulombolombo, Enkyukakyuka n'Enkulakulana". Yasooka ne yebaza abateesiteesi okumulowoozaako ne bamuyita okubaako ky'agamba mu mikolo egye 15 egy'Amatikkirwa ga Ssaabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II; era yeegatta ku baali bamuwuliriza okumwagaliza obulamu obulungi n'obuwangaazi. Yagamba nti yali azze na bibuuzo n'agamba nti ekimu ku bye yayiga nti buli omuntu lw'asomoozebwa alina okweteerawo ebibuuzooba ebizibu n'obutapapa kugezaako kubiddamu oba okufuna engeri gy'anabiyitamu. Okusomoozebwa Buganda kweyitamu leero kufaananira ddala n'okwaliwo mu 1900 ne 1928 mu bufuzi bw'Abazungu ate mpozzi ne ku ntandikwa y'emyaka gye 80, mu kiseera ky'Obuyeekera mu kanyigo k'e Luweero. Yagamba nti Omuzungu yalabuka mangu n'amanya nti yali tasobola kufuga Buganda nga tafunye bantu mu yo bakolaganye nabo. N'olwekyo Endagaano y'Olwenda eraga enzikiriziganya y'Abaami abaafuna ettaka ne Gavumenti ya Kwini wa Bungereza okusobola okufeebya abantu ba Buganda. Endagaano eno yafiiriza abantu ba mirundi 3. Asooka ye Kabaka eyaggibwako obuyinza obw'okubeera Omuyima (Trustee) ow'ettaka lyonna mu Buganda n'afuuka nannyini ttaka wa mailo 350 zokka ku mailo 19,600. Abalala abaakosebwa be Bataka abakulu b'Ebika ennono be zaali ziwadde obukuumi bw'ettaka ly'Abazzukulu nga Abayima nabo abaaviiramu awo. Abookusatu be *Bakopi* abafuulibwa abasenze obusenze ku ttaka lye baali baabeerako edda ne babakaatikako abaami ba nnannyini ttaka lya Mailo nga balina obuyinza obusobola n'okubagobaganya ku ttaka eryo. Yagamba nti ebintu ebikulu 2 ebyagwawo mu Buganda wakati wa 1900 ne 1928. Ekisooka

Ekisooka, Abazungu, abafuzi b'amatwale baayongera okwenyweza n'eky'okubiri bannannyini Mailo baatandika okusaba ensimbi ennyingi okuva ku basenze ng'obusuulu nga kw'ogasse n'envujjo okuva ku birimibwa ebivaamu ensimbi nga ppamba. Kino kyakendeeza nnyo ppamba eyali alimibwa mu Buganda yadde mu Busoga yali yeyongera bweyongezi. Abakopi bayongera okukumibwakumibwa ekibiina kya ABATAKA BU nga basaba Endagaano y'Olwenda ekyusibwe ebyagirimu. Olw'okutya okwegugunga kw'abantu abasinga obungi, Abakopi,Gavumenti ya Kwini yasalawo okukenddeza amaanyi ga bannannyini ttaka lya Mailo. Okusooka Gavumenti yasalawo okubeera nga y'eronda Abaami bonna mu Buganda, nga bwe kyali mu bitundu bya Uganda ebirala. Abaami nga bakulemberwamu Katikkiro Sir Apollo Kagwa baawakanya enkola eno. Mu kacankalano kano, Provincial Secretary atwala Buganda, Postlewaith, yawummuza Abaami bano: Katikkiro, Sir Apollo Kagwa, Omuwanika n'Omuwandiisi w'Olukiiko (Yusufu Bamutta). Martin Luther Nsibirwa eyali abaddeko Kalaani mu Gavumenti ya Kwini, yalondebwa ku bwa Katikkiro ne Serwano Kulubya, eyali abaddeko omulambuzi w'Amasomero era mu Gavumenti y'emu ye yalondebwa ku ky'Omuwanika.

Ng'Omuzungu amaze okukkakkanya amaanyi ga Bannannyini ttaka, yasalawo okuserebya eby'enfuna yaabwe. Kino kyakolebwa nga bayita mu tteeka ly'Obusuulu n'Envujjo erya 1928. Etteeka teryakoma ku kuteekawo kkomo ku Busuulu buweebwa basenze naye lyamuwa n'obwannannyini obugumu ku kibanja kye.

Enkyukakyuka zino zayanguwa okuleeta enkulakulana mu Buganda kubanga Abakopi baayongera amaanyi mu kulima ebirime eby'ettunzi nga ppampa n'emmwanyi, ekyasanyusa ennyo Gavumenti Enkuumi.

Ebbago ly'etteeka ly'ettaka

Ebbago ly'etteeka ly'ettaka ligezaako okwefananyiriza erya 1928 kyokka embeera eriwo mu Buganda olwa leero si y'emu n'eya 1928.

Prof. Mamdani yagamba nti okunoonyereza kwe yakola ku lutalo lw'akanyigo k'e Luweero kwamulaga nti olutalo luno we lwatandikira nga kumpi kimu kya kubiri eky'abantu abaali mu kitundu kino baali bavudde mu bitundu birala ebya Uganda (baali bagwira), n'olw'ekyo eggye lya NRM bwe lyatandika okulonda obukiiko n'okulondebwa mu bifo ebitali bimu, lyalina okukkiriza abantu bonna okwesogga obukiiko awatali kusosola ggwanga lye n'ekitundu ky'eggwanga mw'ava. Kino kyayamba nnyo okugatta abantu bonna mu kitundu n'okukolaganira awamu mu kuwagira abayeekera ba NRA. n'okwejjako bambega ba Gavumenti ya Obote. Kinajjukirwa nti ekyazzaayo Abanyarwanda mu nsi yaabwe mu 1994 kyava ku Gavumenti okulema okuyisa etteeka eriwa Abanyarwanda bano obutuuze mu Uganda.

Yagamba nti Gavumenti ya NRM egezaako okuleeta etteeka erigatta ab'ebibanja bannansi n'abagwira abaludde mu Buganda nga bali ku bibanja. Gavumenti emanyi nti etteeka lino lye ligenda okugatta abantu bano bombi. Ekigendererwa ky'ebbago kiringa eky'Etteeka ly'ettaka erya Busuulu n'Envujjo erya 1928 nga kwe kunyweza obwa nnannyini ku kibanja eri abalimi bonna mu Buganda; babe Baganda abazaaliranwa oba bagwira kasita babeera n'ebibanja kwe balimira.

Yagamba nti ekibuuzo ekiriwo nti nga Gavumenti emaze okusalawo okukola ekyo Gavumenti y'e Mengo egenda kujja na kakodyo ki ? Mamdani agamba nti kikulu nnyo abali e Mengo okukimanya nti obwannannyini obwenkomeredde ku ttaka buwagirwa Abaganda Nnakabala n'abatali Baganda abaafuna ebibanja mu Buganda.Okugatta abantu bano bombi kibeera ku lwa bulungi bwa Buganda. Singa abakulembeze e Mengo batunuulira okumpi ne batematema mu mukago gw'abantu bano; ba Kasangwa n'abagwira abaludde muno, ssaako okuwagira okusosola mu mawanga, Buganda y'ejja okuvaamu nga tefunyeemu. N'olwekyo Prof. Mamdani agamba nti kano ke kadde Buganda okuzannya eby'obufuzi ebigatta so si ebyo ebyawula wakati wa bannansi n'abagwira abaludde mu Buganda.Ekyakulakulanya ennyo Buganda y'empisa ey'okusembeza abatali Baganda oluvannyuma ennyo ne bafuuka Baganda nga bawagira Obuganda mu buli kantu. Enkola eno tesaana kudibizibwa ejja kubayamba nnyo okubeerawo.

Biraze ku Page...

EBBALUWA Z'ABASOMI

Ssebo,
MWEBALE NNYO okufulumya akatabo kano.Nze nga ali mu South Africa, nasanyuka nnyo okusoma akatabo kano akayitibwa "Ettaka ye Nnyaffe". Mbeebaza okutuwandiikira ebintu ebitegeke obulungi bwe bityo.Mwebale kutujjukiza bye twalaba mu kazigizigi wa 1966, nga Obote alumbye Olubiri lw'omwagalwa wa bangi, Ssekabaka Sir Edward Muteesa II. Nasiima nnyo okulaba ekiwandiiko ekiraga "Endagaano y'Olwenda". Ffe nga abaludde eno, twagala nnyo abaana baffe bayige ebikwatagana n'eby'obuwangwa bwabwe, naye akatabo kaatuloga ennyonta bwe kaawandiika ku Bika by'Abaganda. Neesunga nnyo akatabo lwe kaliwandiika ku Kika kyange eky'Engabi. Nsobodde okuwaako bannange abalala wano ne basomako; ffenna tuli mu kwebuuza oba munasobolanga okutuweerezanga copy y'akatabo buli lwekanafulumanga.
Mbaagaliza birungi byereere.
SSAABASAJJA KABAKA WA BUGANDA AWANGAALE !

Achilles K. Mukasa-Bukenya
South Africa
e-mail:achillesbukenya@yahoo.com

EKIKA KY'OLUGAVE
Ssebo,
Njagala okutwala omukisa guno okukwebaza okutuwandiikira ensonga ezikwata ku Bika by'Abaganda. Mu ngeri ey'enjawulo nze nasanyuka nnyo okusoma ku byafaayo by'Ekika ky'Olugave naddala ebiggya bya Mukiibi Ndugwa omubereberye ebisangibwa e Kapeeka mu Busiro. Nkubiriza abeddira Olugave bonna okulamaganga mu kifo kyaffe kino eky'ennono.

Era nsaba ab'Olugave ffenna gye tuli okulongoosa ennyumba omukuumirwa oluwanga lwa jjajjaffe Mukiibi, Ndugwa omubereberye olumaze emyaka egisukka mu 700. Nja kusanyuka nnyo nga twekozeemu omulimu.
Mpozzi ekirala kirabika nga erimu ku Masiga, eriyitibwa erya Ggere nga lisangibwa Ssese eritaalagibwa.

Omugave Bulaimu Ssemakula e Makululubita, Bulemeezi.

Ssebo,
Nneebaza nnyo akatabo kaffe, Ettaka ye Nnyaffe, okutuwandiikira ku nsonga y'ettaka lya Mailo Akenda gye kasangibwa mu Buganda mu buli Ssaza. Mwebale kunoonyereza. Kati tusaba mutubuulire ebifo ebitali bimu mwe lisangibwa mu buli ssaza n'obugazi bwalyo.
Mpozzi era nsaba abalina bwino asingako wano naddala Abataka mu batuyambe mu buli kitundu okutubuulira Mailo akenda we kayita. Ettaka lino kkulu nnyo kubanga bajjajjaffe baalirekawo okuweebwa abaataafuna mu Ndagaano y'Olwenda. N'olwekyo ttaka lya bantu, lyalitegerekese wa we liyita baleme kulitubbako.

Mary Zansanze Bukirwa
e Baakijjulula
Kyamuliibwa, Buddu.

SIKAALA
Nga mpita mu katabo kaffe kano, njagala okutegeeza abaana baffe abaayita obulungi S.6, nga baagala okweyongerayo mu University, naddala Kampala University, kyokka nga ensimbi ze balina tezibamala okwanguwa bakube ku ssimu zino: 0772 483829 ne 0772 419214
Hajji Abdul Nadduli
Luweero.

TTABAMIRUKA

Bivudde ku Page....

Federo

Yagamba nti Federo wa mirundi ebiri; waliwo ow'ekitundu (Territorial) n'ow'obuzaale (Ethnic). Owa USA ne Canada ali *Territorial* ate ow'e Nigeria n'owa Buganda gweyagala ali *Ethnic.*

Yagamba nti Abaganda ly'eggwanga erimu erisinga abantu obungi mu mawanga amalala mu Uganda era n'akikakasa nti tewabaddeewo nkyukakyuka ya bufuzi yonna mu Uganda etetabiddwamu Baganda; gamba nga mu bujagalalo bwa 1945 ne 1949, mu 1953 Kabaka bwe yagaana Federation ya East Africa, gattako olutalo lw'Akanyigo k'e Luweero wakati wa 1981 ne 1986. Ekyewuunyisa nti yadde guli gutyo Omuganda akyalemye okufuga Uganda. Buli lw'aba afunyise abantu bagezaako okumusibira ekikookolo.

Yagamba nti bw'otunuulira ensi yonna eggwanga erisinga obunene lye lisinga amalala okugujuubanira okufuga ensi eyo; gamba: Abangereza(English) mu Bungereza(UK), Prussians mu Germany, Abakikuyu n'Abajaluo mu Kenya, naye mu Uganda si bwe guli. Si lwa kuba nti Abaganda tebasobola kufuga naye nti Abaganda tebaagala kufuga.Kya nnaku nnyo okulaba nga eggwanga erisinga obunene mu Uganda lye lirina endowooza ey'obutagujuubana kufuga Uganda.

Yagamba nti Abaganda bwe banaaaba ba kufuga balina okufuna endowooza eterowoozaako yokka, gamba nga ku ttaka lyokka naye balina n'okufaayo ku bikwata ku ggwanga lyonna , gamba nga Olutalo lwo mu Mambuka, amfuta mu Bunyoro, n'ensonga endala nga ezo. Ekiddako kubeera kukola ntegeka ey'okuyita mu nsonga zino enkulu mu Uganda ng aeggwanga ery'awamu.

Nga amaliriza yagamba nti kyetaagisa okutunuulira ebbago ly'ettaka n'obwegendereza okuzuula ebirungi ebiririmu (strengths); nga kwe kubeera nti ligezaako okuwa abantu abasinga obungi mu Buganda, nga bano be Bakopi, obutuuze ku bibanja obw'enkomeredde. Ate ebibi ebiririmu (weaknesses) nti tewaaliwo kwebuuza kumala okuva mu bantu wonna mu Buganda okusobola okuleeta etteeka nga waliwo okwekakasa kw'abantu lye ligiridde.

Okusoomooza

Okusoomoozebwa okunene eri Buganda kuli munda mu yo sso si bweru waayo. Ekikulu nti waliwo omukago mu Buganda wakati w'Abaganda bannansangwa n'abagwira abaluddemu? Omukago wakati w'Abaganda n'abantu abasenzeemu okukolera awamu okukulakulanya Buganda ey'omu maaso eyeeyagaza buli muntu.

Yakubira, nga asiima Gavumenti y'e Mengo okubeeramu Abayindi, naye n'amawanga amalala agali mu Buganda gafiiriddwako okubeera n'Ababaka mu Lukiiko oba okubeera ne ba Minista ba Kabaka ? Yasomooza Abaganda nga abagamba nti kikulu nnyo okwawula eby'obufuzi n'eby'obuwangwa. Obuwangwa obwa wamu buva mu byafaayo ebifaanagana kyokka Obuwangwa obwa wamu tebutegeeza bya bufuzi bwa mu maaso bifaanagana; abamu bayinza okusalawo okusenguka ne basenga mu nsi za wabweru. Ku luuyi olulala eby'obufuzi obw'omu maaso bikolebwa abo ababeera basazeewo okutambulira awamu. Bano tebalina kubeera na byafaayo bye bimu.

Hajji Abdul Nadduli

Munnabyabufuzi w'e Luweero, Hajji Nadduli yeebaza Prof. Mamdani olw'ekiwandiiko ekyali kisoomooza Obuganda kyokka nga ate kibwagaliza birungi. Yategeeza olukungaana nti mu East Africa Buganda ye Gavumenti esobodde okubeerawo emyaka egisukka mu 114. yagamba nti engeri Abazungu gye basangawo Gavumenti ya Buganda baagezaako nabo okussaawoeyaabwe ekyatuusa okubeera ne Gavumenti 2 mu ggwanga limu. Yasaba olukungaana lusseewo akakiiko kalondoole ensonga zonna ezikubaganyiziddwako ebirowoozo.Akakiiko kano, Buganda Forum, kasaana okuba nga kagatta endowooza ez'enjawulo ez'abantu ba Buganda.

Ibrahim Semujju

Munnmawulire omugundiivu, Ibrahim Semujju ye yasaba buli muntu okwekeneenya Ababaka ba Parliament abava mu Buganda gye batwalamu ensonga naddala ez'ettaka, abatawagira nsonga za Buganda bamanyibwe.Yasaba Abaganda beegatte n'oluvannyuma nabo bafugeko Uganda.

Abed Bwanika

Dr. Abed Bwanika yagamba nti Buganda bw'eba eyagala okuddamu okututumuka ebintu ebyetaagisa okukola bye bino:

1) Okumanya n'okukozesa abantu baayo abalina obukugu mu bintu eby'enjawulo

2) Buganda ekozese omukisa gw'erina okubeera mu makkati g'eggwanga awafuga eby'enfuna 3) Ekozese olulimi lwayo olusinga okukozesebwa mu Uganda 4) Eganyulwe mu buntubulamu bwayo 5)Obwakabaka bukozesebwe okugatta abantu n'okwenyweza.

Dr. Bwanika yasaba Buganda okwegendereza bino:

1) Okwewulirira ku bantu abalala

2) Okwekubira enngoma ate ne tuzina, tuleke abalala bo batutende. Kino kye kibadde kitabula embeera okuva

BYAKWONGERWAKO MU KATABO KAFFE AKANADDAKO.

ENTEGEKA Z'OKUWANDIISA ABASENZE KU TTAKA LYA SSAABASAJJA

bya Lameck Ssonko

L. Ssonko

L W A K I W A L I W A N D I I S I Z Z A E K I B A N J A K Y O?

Omuntu yenna nga tannasenga ku ttaka lya Ssaabasajja Kabaka, kimukakatako era kikulu okusooka okufuna olukusa mu buwandiike olumukkiriza okusenga ku ttaka lye. Olukusa luno lufunibwa okuva eri Omwami wa Ssaabasajja Kabaka omutongole mu kitundu kyo ku bbaluwa entongole eri ku mutwe ogwa Buganda Land Board. Omusenze yenna aweereddwa ekibanja, kiri mu mateeka okwanjulwa eri Buganda Land Board ku lwa Ssaabasajja Kabaka, nannyini ttaka, okusobola okumanyibwa n'okutongozebwa. Kino kiyamba omusenze okumanya amateeka gaalina okugoberera okusobola okubeera n'enkolagana ennungi ne Ssaabasajja Kabaka.

Ebirungi ebiri mu kuwandiisa ekibanja kyo.

1. Oyo yenna awandiisizza ekibanja ku ttaka lya Ssaabasajja Kabaka, obusenze bwe buba bunywevu era nga tasobola kumala gasengulwa kuva ku amanyiddwa Ssaabasajja Kabaka mu butongole.

2. Oyo yenna awandiisizza ekibanja, obugazi bwakyo n'ensalo buba bumanyiddwa era kiba kizibu omuntu yenna okukiyingilira. Era bwe wabeerawo obutakkaanya ne mulirwana we, kiba kyangu ensonga ezo okumalibwa kuba nannyini ttaka, ow'ekibanja oyo aba amumanyi n'ebikwata ku kibanja kye.

3. Bwe wabaawo ensonga, nga abali ku ttaka balina okusengulwa okuva ku ttaka olw'enkulaakulana oluusi eba ezze mu kitundu, oyo aba amanyiddwa Ssaabasajja Kabaka mu butongole, tamala gava ku ttaka, aliyirirwa bulungi kuba aba amanyiddwa mu butongole.

.4. Bwe wabeerawo omukisa okugaba ekyapa kya Liizi, oyo eyawandiisa ekibanja kye y'asooka okulowoozebwako.

5. Amateeka agafuga ettaka, galwanirira ow'ekibanja oyo amanyiddwa Ssaabasajja Kabaka era nga okumanyibwa kiba kitegeeza nti ekibanja kye yakiwandiisa ne

ADVERT

HSGH SGHS

JOMAYI PROPERTY CONSULTANTS

"First step to a new home"

THE REAL ESTATE DEVELOPERS
Tel: 0772 508177
www.jomayi.co.ug
SURVEYORS AND CONTRACTORS

...Real Estate Developers ...Modern Housing Estates

Professional Areas of Operation

- Well Planned & Serviced Plots with Water & Electricity as standard
- Construction (Civil Works)
- Building Cost Estimates
- Land Surveying
- Architectural Services
- Site Analysis/Technical Advice
- Land Documentation
- Project Planning
- Earth Works (Machinery)

If you want to invest in Agricultural products, fertile land is available for leasing.



Get a well planned residential plot in our estates




We cater for Middle and First Class clients